# *Ezzadde Ly'Omusota*

Ayi Katonda omwagalwa, Katonda omukulu era ow'amaanyi, Oyo eyakola ebintu byonna okuyita mu maanyi ag'Omwoyo We, era eyaleeta Yesu Kristo, Omwana We omu yekka, Oyo eyewaayo n'afiirira ffe aboonoonyi, Omutuukirivu ku lw'abatali batuukirivu, okusobola okutukomyawo nate mu kussa ekimu kuno okw'ekitiibwa kwe tulina ne Katonda, nga bwe tuyigirizibwa mu Kigambo eky'omukisa, nti twalina okussa ekimu naye nga ensi tennatondebwa: "Emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu, n'abaana ba Katonda ne boogerera waggulu olw'essanyu, edda ennyo nga n'ensi tennatondebwa." Tumanya tutya oba nga ekyo si kye kiseera kye kimu Omwana gw'endiga mwe gwattirwa; nga ne Katonda, mu ndowooza Ye ey'ekitalo, mwe yatulabira nga twogerera waggulu n'okusaakaanya mu bulokozi bwaffe okuyita mu Yesu?

2 Naye, akawungeezi kano, tulegako bulezi ku kitiibwa kiri eky'amaanyi eky'Obwakatonda ekiribikkulibwa ku Kujja Kwe okw'okubiri. Endwadde zonna n'ennaku birisaanyizibwawo ddala. Olwo tulyoke tufune omubiri ogugulumiziddwa oguli nga Ogugwe Ye, kubanga tulimulaba Ye nga bw'Ali. Wano bwe tulaba emikono gyaffe nga gikaddiwa, nga enviiri zaffe zifuuka envi, n'ebibegabega byaffe nga bisongola, tumanyi nti tuli bantu abafa era nga twolekedde kudda mu nfuufu emitwe gyaffe mwe gitunudde nga givunnamye kaakano, era mwe twava. Naye, ayi Mukama Katonda, mazima ddala nga bw'Oli Katonda, Wasuubiza nti tulizuukizibwa nate mu nnaku ez'oluvannyuma, era ekyo tukikkiriza.

3 Mu bwetowaze tuyimirira n'okukkiriza kwaffe akawungeezi kano mu Kubeerawo Kwo, nga tujja n'obuvumu kubanga Yesu yatuyita tujje. Nga tetwesigamye ku kintu kyonna ekirungi kye twali tukoze, kubanga tewali kirungi kyonna kye twali tukoze; wabula tujja mu buwombeefu, nga twatula nti eky'obugagga kino tukirina olw'ekisa Kye ekyatuweebwa. N'olwekyo, tujja nga tusaba Otuwe omukisa akawungeezi kano mu kubuulira kw'Ekigambo. Kubanga kyawandiikibwa, nti, "Omuntu taabeerenga mulamu lwa mmere yokka, wabula olwa buli Kigambo ekifuluma mu kamwa ka Katonda." Era leka ebigambo okuva mu kamwa ka Katonda byogerwe akawungeezi kano. Leka ebigambo byogerwe, era leka Bigende buziba mu mitima gyaffe, ffe abawuliriza, era tujjuzibwe n'Omwoyo Wo wamu n'Okubeerawo Kwo. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

4 Le—leero n'eggulo, manyanga, ekiro kya jjo, ne leero, tubadde twogera ku ky'okuyigako, twatandise, ne kye twawadde omutwe ogugamba nti, *Lwaki Tetuli Kibiina Kya Ddiini.* Era

twakinnyikirizza ddala, lwaki tetuli kibiina kya ddiini, era lwaki tetukkiririza mu bibiina bya madiini. Kubanga, tukiraba mu Bayibuli, nti ebibiina by'amadiini Katonda si ye yabiteekawo; wabula byateekebwawo ssetaani; era ekyo twakikakasizza nga tukozesa Bayibuli. Ne tulaba n'engeri, ebibiina by'amadiini, gye bizaala okuwabya. Kati bino tubyogera okusobola okutereeza n'okuleeta ekkuŋŋaaniro lino mu kussa ekimu okwetooloola Ekigambo kya Katonda eky'omukisa. Kibeere nti, essuubi lyaffe terizimbibwa ku ekyo eddiini ky'egamba, oba omuntu yenna ky'agamba; wabula lizimbibwe ku ekyo Mukama Katonda kye yayogera. Era eyo ye ngeri yokka gye tusobola okutereezebwamu obulungi.

5 Kati enkya ya leero, nnabadde, nzikiriza, nnabadde ntunuulira ebintu nga bitaano eby'enjawulo ebizze nga biyita mu nkola y'eddiini, ebitayogerwako wantu wonna mu Bayibuli, amakanisa g'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki bye gavunnamira, awamu n'okubiyigiriza nga enjigiriza: ekintu kye kimu nnyabwe omwenzi, ekereziya Katolika by'abuulira, ebyasala ne bijja ne mu kkanisa ezaawakanya Obukatuliki. Kyokka ne tuvunnamira ekintu kye kimu ekikontana na buli kimu ekiri mu Kigambo kya Katonda.

6 Ekkanisa y'ekibiina ky'eddiini eyasooka, twaginoonyerezzaako olw'eggulo lwa leero mu byafaayo bya ba Nicene fathers, ab'ekkanisa y'ebiseera bye Nikeya. Abatume bwe baamala okufa, ekyaddako kye kiseera kya ba Nicene fathers, era baaliwo okumala emyaka egiwerako. Emyaka bisatu mu abiri mu etaano, oluvannyuma ekiseera ne kituuka eky'olukiiko lw'e—lw'e Nikeya, mu Bufaransa, gye baakuba olu—olukiiko olukulu olw'e Nikeya. Era mu lukiiko olwo ne bagunjaawo ebiyiiye bino ekereziya Katolika by'erina kati, era bye yakwasa emigigi gy'amakanisa agaawakanya Obukatuliki.

7 Era nga bwe nnagambye mu—mu kuyigiriza enkya ya leero nti, "Mu buli gumu ku mirembe egyo egy'ekkanisa, okutuukira ddala ku ogwo—ogwo omulembe gw'ekkanisa y'e Ssessaloniika, emyaka olukumi mu ebitaano egy'ekizikiza, tewali mulundi n'ogumu lw'Ataayogera nti, 'Naye okuumye Erinnya Lyange.'"

8 Naye ku ludda luno olulala, baatuuka ekiseera nga tebakyali mu Kristo n'akatono, bajjira mu linnya lya kibiina kya ddiini, "Bakatuliki, Baluuzalaani, Bawesley, Babaputisiti, Bapulesibeteriyani, Bapentekoote," n'ebirala.

9 Naye nga ebulayo katono ddala omulembe guggweeko, n'Agamba nti, "Laba nnateeka mu maaso go oluggi olugguddwawo." Olaba? Era tukkiriza nti ogwo gwe mulembe mwe tuli kati, omulembe gw'oluggi olugguddwawo, wakati awo awasembayo ekkanisa ya Lawodikiya w'eviirayo.

10 Era gye myaka bisatu mu abiri mu etaano gyennyini okutuuka ku lukiiko lw'e Lawodikiya. Era mu olwo mwe

baawagikiramu enkola zino nga okumansirako obumansizi amazzi, okuyiwako, n'embatiza enkyamu endala, okufuna omwoyo omutukuvu okw'obulimba, n'ebintu ebirala bino byonna. Ne babiwagikamu.

11 Kati ne tusanga nti Luther, engeri gye yali omusosodooti, era nga yava mu ekereziya Katolika, yavaayo n'ebintu bino. Era omwo ne muvaamu Zwingli, mu Zwingli ne muvaamu Calvin, mu Calvin ne muvaamu Wesley, ha, n'okweyongerayo. Nga bajja bakyawalula ebiyiiye ebyo. Naye nga ddala Katonda ayinza atya okukulembera Ekkanisa Ye, nga bakyagoberera amakubo Ye g'ataabaterawo kukulembererwako?

12 Era mujjukira nti, mu Kubikkulirwa 17, twalabye "omukazi." Kati ebigambo bino bya lwatu. Biwandiikiddwa mu Bayibuli, kale ndowooza nsobola okubyogera. Wagamba nti omukazi ono yali "malaaya." Ekyo kitegeeza yali mukazi mwonoonefu; yali asaanye okuba nga alina bba gwe yafumbirwa, wabula yakola obukaba n'ensi. Era yalina. . . Yali "NNYINA W'ABENZI," kitegeeza yalina abaana ab'obuwala. Era ekyo twakubye n'ekifaananyi ekiraga ekitundu ekyo, nga bwe kiri mu. . . Era awo, nze kennyini, nga nkiraba mu Byawandiikibwa, nga ndaba enjigiriza ze na buli kintu, nzikiriza nti Mukama yakiragidde ddala bulungi, nti ekyo tekiyinza kuba kirala kyonna wabula ekereziya Katolika. Kiyinza kuba ekyo kyokka. Era yazaala ki? Yazaala kkanisa eziwakanya Obukatuliki. Ky'ekyo ddala, kye yakola.

13 Era yalina mu mukono gwe ekikompe ky'omwenge gw'obukaba bwe, era yali akinywesa bakabaka b'ensi. Era ye yali omufuzi w'ensi yonna, mu by'omwoyo. Era ekyo bwe kiri ddala. Teriiyo mulala . . .

14 Mulabeeyo, leka, tusobola okuddayo mu Danyeri ne tulaba ekibumbe kiri. Mutunuulire ekibumbe: omutwe ogwa zzaabu, bwe bwakabaka bw'e Babulooni; ekikomo. . . manya ffeeza, Obumeedi-n'Obuperusi; ekikomo, Alexander Omuzira, n'ebirala, obwakabaka bwa Buyonaani; okwo ne kuddako obwakabaka bwa Rooma, Rooma ey'Obuvanjuba n'ey'Obugwanjuba, ebigere ebibiri.

15 Era mwetegereze nti mu bwakabaka buno ekkumi obw'enjawulo, obujjira ddala n'amayembe ago ekkumi ge twabadde twogerako enkya ya leero, mu buli bumu ku bwakabaka obwo ekkumi obwali bulina okusituka, mwalimu ekyuma n'ebbumba nga bitabuddwa wamu. Era ekyuma ekyo kyatandikira mu magulu, nga ye yali Rooma. Era buli ggwanga eriri wansi w'Eggulu litabuddwaamu akasaayi ka Rooma, okuyita mu ekereziya Katolika. Ago ge mazima gennyini. Era byali tebisobola kwetabula, n'akatono.

16 Era baali ba kuwasaŋŋananga, n'okufumbiriganwa. Bayibuli egamba baali ba kukikola. Naye batunuulire leero. Mutabani wo

bw'ayagala omuwala Omukatoliki; bwe bagenda okugattibwa mu bufumbo, omulenzi alina okusuubiza nti abaana baabwe bajja kukuzibwa nga Bakatuliki; olaba, n'omuwala bw'atyo. Olaba, ekigendererwa omu kwe kumenya amaanyi g'enzikiriza ya munne.

17 Naye ekyo kiki? Bayibuli egamba nti ekintu ekyo kyonna bwa malaaya bwereere. Kati kiki ky'onaakola? Ky'ekyo. Ne tulaba n'engeri ebibi by'abantu gye biribalirwa... Twazzeeyo mu Ky'amateeka olw'okubiri, ne tulaga nga omwana omweboolereze, omwana eyazaalibwa nga bazadde be si bafumbo, bwe yali takkirizibwa na kuyingira mu kkuŋŋaaniro lya Mukama okumala emirembe kkumi n'ena. Ekyo kyali wansi w'amateeka. Ate nga Kristo yajja kuzitoya mateeka. Kati olwo kyenkana wa obuzito kati?

18 Era kiki ekituuse ku bano, mutawaana ki oguli ku buwala buno obukyakaze obuli ku nguudo ennaku zino, buno obukazi obunywa ssigala, obwambala empale ennyimpi, obuwala obukyakaze obw'enviiri ensaleko, n'ebirala? Mutawaana ki ogubaliko? Omutawaana guli nti ba nnyaabwe bwe batyo bwe beeyisanga. Kulanda, kwa bujeemu, okuva ku mugigi ogumu okudda ku mulala. Ekyo kye kiri. Era kati kiki kye tufunyeemu? Tutuuse mu mbeera, nga tulina kintabuli kya bwonoonefu bwa kibi bwereere.

19 Eyo ye nsonga lwaki Katonda ayimusizza Russia, erudda eri, nga erina bbomu nnamuzisa ey'okukisaanyaawo, nga amataba bwe gaali, bwe Yayimusa ebire. Ddala, Akikoze. Ne Bayibuli ekyogera. Russia, nga bwe bali ensi etakkiririza mu kusinza kwonna, abatakkiririza mu Katonda, ekolera wakati mu ngalo za Katonda Omuyinza wa byonna. Era nga Kabaka Nebukadduneeza bwe yalina okuzikiriza Isiraeri kubanga baalemererwa okutambula ne Katonda, ne Russia esituka kati "okuwoolera eggwanga ku lw'abatukuvu," ku ekereziya Katolika, olw'omusaayi gw'abatukuvu gwe yayiwa. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Ekintu kyonna egenda kukisaanyaawo.

20 Kale labayo wano, nnyina bw'aba yali kawala kano akayimba ku myoleso, nga ate jjajja waako omukazi, azaala maama waako yali muwala mukyakaze atambula n'omulembe, kati ono kiki ky'ali leero? Muzinyi wa kimansulo. Abaana be banaabeera ki?

Awo ne weebuuza nti, "Ekyo ddala Katonda akikola?" Yee, ssebo.

21 Katonda akyalira obujeemu bw'abaana, obw'omulembe, okutuukira ddala ku mirembe kkumi n'ena. Kati bwe kiba nga ekyo Kristo yajja kukizimbulukusa, tuyinza okugamba nti, "Emirembe kikumi, oba emirembe ebikumi bitaano." Kubanga, Ye yagamba nti, "Edda, mwawulira nga bagamba, bali ab'edda nti, 'Tottanga.' Nze mbagamba nti, 'Ggwe, anyiigira muganda

wo bulijjo, awatali nsonga, omaze okutta.' Mwawulira nga bagamba, ab'edda nti, 'Toyendanga.' Wabula mbagamba nti oyo yenna atunuulira omukazi n'amwegomba, nga amaze okwenda naye." Yalikola ki . . . *Okuzimbulukusa* kye kiki? "Kuligezza emirundi emingi okusinga bwe libadde." Kati bwe kiba nga wansi w'amateeka gyali mirembe kkumi n'ena, leero ekintu kye kimu kinaamala bbanga ki?

22 Naye n'osanga nga abavubuka, n'abasajja ab'emyaka egy'omumakkatikkati, n'abasajja abafumbo tebakyassaamu kitiibwa birayiro byabwe eby'obufumbo. Kubanga, bamala gatwala butwazi bakazi ne babeera nabo buli we basanze, era nga embwa bwe zikola. Embwa nno erina ne ku mpisa ennungi okusinga ku bantu abamu ze balina. Ekyo nno mmanyi nti kikalubo nnyo, naye ge mazima.

23 Lwaki? Kyokka amakanisa ne gagenda bugenzi mu maaso ne gatabaako kye gakyogerako. Lwaki? Kubanga gakolera ddala nga nnyina waago bw'akola. Gano amakanisa gazze gasikira kisikire. Olw'okuba, ekkanisa n'ekkanisa zino Ezaawakanya Obukatuliki zaava mu ekereziya Katolika, ebibi bya ekereziya Katolika byabbulukukira mu makanisa Agaawakanya Obukatuliki. Ddala, bwe kiri, n'olwekyo entamu teyinza kuyita bbinika "kaddugala." Ekyo kituufu ddala.

24 Kaakati tukizuula, era mu Byawandiikibwa, tulaba nga . . . Ate ssinnalabayo kapapula konna wano ku kituuti akawungeezi kano. Nnabagambye nti, "Mundageeyo ekifo kimu Katonda we yali atongozza okukola nga ayita mu kibiina ky'eddiini. Mundageeyo ekifo kimu Katonda we yali ayawudde omukazi okubeera omubuulizi. Mundageeyo ekifo kimu Katonda we yali atongozza okumansira amazzi. Mundageeyo ekifo kimu Katonda we yali atongozza okufukibwako obufukibwa amazzi. Mundageeyo ekifo kimu Katonda we yali abatizisizza omuntu yenna mu linnya lya 'Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu.' Munoonye ebintu ebyo." Kyokka nga tubiddiŋŋana bulijjo. Bye bijjudde mu kkanisa.

25 Kati, nnabagambye nti, "Engeri, manya, ensonga lwaki twali tetusobola kubeera Babaputisiti, lwa kuba tukkiriza nti balina kubatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. Tewali n'omu yenna, mu Bayibuli, yali abatiziddwa mu ngeri ndala yonna. Ggwe ndagaayo ekifo kimu omuntu lwe yali abatiziddwa mu linnya lya 'Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu,' Nja kuwanika emikono gyange ŋŋambe nti ndi nnabbi wa bulimba."

26 "Ate Bayibuli bw'egamba nti oteekwa 'kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo,' kitegeeza nti bw'otyo bw'oteekwa okukikola. Pawulo yabalagira baddemu babatizibwe. Si kikulu oba baali baabatizibwa batya, baali bateekwa okujja, baddemu babatizibwe. Baali baabatizibwa omusajja y'omu eyali yabatiza

Yesu Kristo; Yokaana Omubatiza. Naye n'abagamba nti, 'Ekyo tekikyakola. Muteekwa okujja, muddemu mubatizibwe.' Era baalina okukikola nga tebannabafuna Mwoyo Mutukuvu. Ye yali entegeka ya Katonda."

27 Ekyo nnyinza okukigenda ebuziba okusingako awo, akawungeezi ka leero. Lwaki? Yesu akuuma Ekigambo Kye. Ekyo mukikkiriza? Kati, kyenkana mwenna mwabaddewo ku makya, naye njagala mbeeko kye nnyongera ku ekyo.

28 Lwaki Pawulo yalina oku-. . .okulagira bwatyo nga ate kyali kyamala okukolebwa? Pawulo yagamba nti, "Ne bw'aba Malayika ava mu Ggulu ssinga ajja n'abuulira ekirala kyonna, leka akolimirwe."

29 Kati mugenda ne mugamba mbu, "Tukirinako Omusana omuggya." Nedda, temugulina. Eyo y'endowooza ssetaani gye yajja nayo eri Kaawa, Omusana omuggya. Kye weetaaga si Musana muggya. Weetaaga kutambulira mu Musana ogwo gwennyini Katonda gwe yassaawo edda, kye kyokka.

30 Kaakati mwekkaanye kino, mulabe bwe kiri ekyangu. Bwe baaserengeta okuva ku Lusozi lw'Okufuusibwa, Yesu n'abuuza, abayigirizwa Be nti, "Abantu Nze Omwana w'omuntu bampita ani?"

"Omu n'agamba nti Ggwe 'Musa, oba Eriya, oba omu ku bannabbi.'"

N'ababuuza nti, "Ate mmwe mumpita ani?"

31 N'agamba, Peetero n'amugamba nti, "Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu."

32 N'amugamba nti, "Oli wa mukisa, Simooni, mutabani wa Yona; kubanga omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino." Olaba, tekiyitira mu seminaaliyo. Tekiyitira mu bibiina bya madiini. "Omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino. Tewakiyigirizibwa mu ttendekero lya bya ddiini lyonna. Wabula Kitange, ali mu Ggulu, y'akikubikkulidde. Era ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange; n'emiryango gy'emagombe tegiyinza kugiwangula," okubikkulirwa kw'omwoyo okw'ekyo Ye ky'Ali.

33 Wekkaanye, "Era nkugamba nti ggwe Peetero. Era Ndikuwa ebisumuluzo by'Obwakabaka. Na buli ky'olisiba ku nsi, Ndikisiba mu Ggulu; buli ky'olisumulula ku nsi, Ndikisumulula mu Ggulu." Kaakati, Yalina okutuukiriza Ekigambo Kye bwe kitaba ekyo nga Aba si Katonda. Kati, era ekyo bwe Yakikola, ennaku ntono oluvannyuma lw'ekyo, Yakomererwa, n'azuukira, n'alinnya mu Ggulu, awo Peetero n'aggulawo Enjiri ku Lunaku lwa Pentekoote. Yakikola? Ye, awatali kubuusabuusa, yakikola. Kati labayo, we yali . . .

34 Bonna baali babaduulira, kubanga baali bajjuziddwa Omwoyo. Baayitibwa "abakyamya, abatukuvu-abeevulunga,"

oba erinnya erifaananako bwe lityo. N'okuseka ne baseka, nga bwe bagamba nti, "Bano batamidde nviinyo empya."

35 Naye Peetero n'ayimirira mu makkati gaabwe, n'ayimusa eddoboozi lye, n'abagamba nti, "Bassebo ab'oluganda, muwulirize eddoboozi lyange. Muwulirize ebigambo byange era mumpulirize. Bano tebatamidde nga bwe mulowooza; kubanga eno ekyali ssaawa ya kusatu ey'olunaku. Wabula kino kye kiri ekyayogerwa nnabbi Yoweri nti, 'Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, Ndifuka Omwoyo Wange,' ne bye Yali ow'okukola ku batabani Be, ne bawala Be, ne ku bazaana Be, n'abalala, mu biro ebyo."

36 Era bwe baatandika okuwulira bino, ne bafumitibwa mu mitima gyabwe. Kubanga, baawulira omusajja eyali tamanyi yadde ennyukuta eza ABC, kyokka nga baalina okumuwuliriza, ne bamanya nti alina Kye yalina munda mu ye, nga kibugujja mu ye, nga ye Mwoyo Mutukuvu. Okumuziyiza? Nga tekisoboka, kubanga kyandibadde nga abagezaako okuzikiza omuliro, ogukutte ekizimbe ekikalu obulungi, ku lunaku olulimu kibuyaga. Nga tosobola kukikola. Yali ajjudde Omwoyo Omutukuvu. Kati olwo kiki kye yakola?

37 Ne bababuuza nti, "Kaakati, bassebo ab'oluganda, tukole ki okusobola okulokoka?"

38 Kati weegendereze, Peetero, ggwe alina ebisumuluzo by'Obwakabaka. Olaba?

39 Kaakati, Yesu bwe yazuukira ku lunaku olw'okusatu, Yali talina bisumuluzo bya Bwakabaka bwa mu Ggulu. Ekyo mubadde mukimanyi? Yagamba nti, "Nnina ebisumuluzo by'okufa n'amagombe," so si bya Bwakabaka, kubanga ebyo byali bikwasiddwa Peetero.

40 Kaakati Yagamba nti, "Peetero, buli ky'osumululula ku nsi, Nange nnaakisumululula mu Ggulu. Ky'osiba ku nsi, Nange nnaakisiba mu Ggulu."

41 Kaakati wano wuuno ayimiridde n'ebisumuluzo, okuggulira ekintu kino eky'omukisa eri ensi yonna. Era wuuno akutte ebisumuluzo mu ngalo ze. Nga eno bwe babuuza nti, "Tukole ki tusobole okulokoka?" Kati, omutume ne bwe yandibagambye kukola ki, Katonda yalina okukikkiriza mu Ggulu, bw'aba nga Ye yamuwa obuyinza obwo.

42 Awo Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe, munaaweebwa ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu." Si bwe kiri? Era eyo ye nsonga lwaki ebisumuluzo byenyoola mu Ggulu eri buli linnya eddala, buli nkola endala yonna, buli kirala—buli ngeri ndala yonna. Byenyoola ku nsi, era ne byenyoola ne mu Ggulu, bwe biba tebyenyoola olwo Yesu aba teyatuukiriza Kigambo Kye kye yawa Peetero. Era buli wamu wonna mu Bayibuli we baabatiza,

okuva ku olwo, baabatizibwanga mu Linnya lya Yesu Kristo. Era n'abo abaali baabatizibwa nga ekyo tekinnabaawo, baalina okujja baddemu babatizibwe, mu Linnya lya Yesu Kristo, okufuna Omwoyo Omutukuvu. Ekyo kye kituufu. Kikyakolebwa mu ngeri y'emu eyo.

43 N'olwekyo, bwe tuba tuyigiriza okubatiza mu linnya lya "Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," obwo bunnabbi bukyamu. Kati ssaagala kubalumya, naye kino nnina okukikomerera kinnyikire ddala ekkanisa eno esobole okumanya ekituufu. Tetuli wano nga abajega abataliiko kye tumanyi n'akatono; tumanyi we tuyimiridde mu Kigambo kya Katonda. Mulaba, tumanyi. Nsoomooza omuntu yenna andageyo awantu wamu bwe wati we baali babatizza mu linnya lya "Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Kati onaawuliriza ki ku bibiri obunnabbi obw'obulimba oba Amazima? Noonya mu Byawandiikibwa. Kiri gy'oli.

44 Ndagaayo omuntu omu mu Bayibuli, nga ekkanisa yali eyawuliddwa nga ekibiina ky'eddiini mu—mu Bayibuli. Ndagaayo mu Bayibuli wonna we baali baawudde omubuulizi omukazi mu buweereza. Ndagayo mu Bayibuli wonna ebintu bino byonna, bye tubadde twogerako, we byali bitongozeddwa mu Bayibuli. Tebiriimu. Mbuulirayo ekifo kimu. Ogenda mu kibiina ky'eddiini . . .

45 Weewaawo, Abamesodisiti bwe baasituka, baabuulira okutukuzibwa. Ekyo kirungi. Naye ate, ekyo bwe baamala okukikola, ne bakola ekibiina ky'eddiini, era awo we baakoma. Eyo ye nsonga lwaki Bayibuli egamba nti, "Olina erinnya."

Ogamba nti, "Ndi Mukristayo."

"Naye, oli wa ddiini ki?"

46 Bw'ogamba nti, "Ndi Mumesodisiti," kitegeeza, olwo oli malaaya. "Ndi Mubabutisiti," oli malaaya. "Mupentekoote," oli malaaya. Oli wa kkanisa eyo.

47 Olina kuba wa Kristo. Tokkirizibwa kweyita, "Mumesodositi," "Mubaputisiti." Bw'obeera Omukristaayo, obeera Mukristaayo mu mutima.

48 Buli kimu ku bibiina ebyo eby'eddiini kisobola okuvaamu abaana, abaana ba Katonda, ekyo kituufu. Naye bw'olowooza nti ojja kugenda mu Ggulu olw'okuba oli Mumesodisiti oba Omubaputisiti, oli mukyamu. Era eyo ye nsonga lwaki ekintu ekyo twakyewala.

Lwaki Ababaputisiti tebalaba?

49 Waliwo omusajja Omumesodisiti gwe nnabuuza wano, eyali akola ekiwandiiko ky'eby'obuyigirize, kye yawandika ebbanga ttono emabega. N'aŋŋamba nti, "Kimu kyokka ffe kye tukuvunaana, okolagana n'Abapentekoote."

Ne mmubuuza nti, "Ba 'ffe' be b'ani?"

“Ffe, Abamesodisiti.”

50 Ne mmugamba nti, “Kale, ka nkubuulire kye nnaakola. Nze nja kujja mu kibuga kyammwe era mujja kuleka Abamesodisiti be baba basasulira enkuŋŋaana ezo.”

“Ha,” n’agamba nti, “ekyo naawe, tetusobola kukikola.”

51 Ne mmugamba nti, “Ekyo kyennyini kye mbadde ndowooza. Ensonga lwaki nkolagana n’Abapentekoote lwa kuba Abapentekoote bakikkiririzaamu. Ky’ekyo. Bonna bakyetooloola. Be bakiganyulwamu.”

52 Bameka abaasoma ebyawandiikibwa mu katabo ka magaziini akayitibwa *Life*, jjuuzi wano, ebyali bikwata ku kkanisa y’Ekipentekoote? Kyekimu ku byewuunyo by’omu mulembe guno. Baafuna abagoberezi abapya bangi nnyo mu mwaka gumu okusinga amakanisa agasigadde gonna nga ogagasse wamu. Lwaki? Ne mu nsobi zaabwe, Katonda akyatambulira mu makkati gaabwe, kubanga bakkiriza Amazima era ne batambula wamu nago. Ge Mazima.

53 Naye ffe kati tukola ki? Olaba? Eyo ye nsonga lwaki tetuli kibiina kya ddiini. Era Abapentekoote olwakola bati ekibiina ky’eddiini . . .

54 Emabega eri, Omwoyo Omutukuvu bwe yali yakasooka okukka ku kkanisa y’Ekipentekooke, emyaka ana egiyise, ne batandika okwogera mu nnimi, ekimu ku birabo. Ekyo kye kirabo ekisembayo obutono. Ekyo kye kirabo ekisembayo mu bukulu mu birabo byonna, okusinziira ku Mutukuvu Pawulo, kwe kwogera mu nnimi. Naye olwakka kiti, “Ha,” ne bagamba nti, “kaakati tumufunye,” ne bakola ekibiina ky’eddiini, Akakiiko Akakulu, nga kati ye ddiini ya Assembiles of God. “Ha, tewali amulina Oyo okuggyako nga oyogedde mu nnimi,” era Katonda n’ava mu makkati gaabwe, n’abaleka awo. Ddala ddala. Yee, ssebo.

55 Awo ne wajja aba Oneness, ne bazuula okubatizibwa mu Linnya lya Yesu. Ne bagamba nti, “Ha, tumufunye,” ne bakola eddiini. Kiki kye baakola? Katonda yabavaamu buvi n’abaleka awo.

Kya, “Buli ayagala, leka ajje.”

56 Olaba, aba Oneness tebasobola kugenda mu ba Assemblies. Aba Assemblies tebasobola kugenda mu ba Oneness. Nnali njogeddeko n’abamu ku basajja baabwe abasingayo, Mw. Goss, ne Dok. Pope, n’abalala bangi. Abasajja ab’amaanyi mu . . . Nnali ntuddeko nabo. Ne mbabuuza nti, “Oyinza otya okuyigiriza eby’obukakafu obusookerwako, nga ggwe omukenkufu mu by’eddiini?”

57 “Olaba,” n’aŋŋamba nti, “Ow’oluganda Branham,” omu, oba nga babiri oba basatu ku bo, baali beesimbu, ne baŋŋamba nti, “ekyo tukimanyi nti kikyamu, naye tuyinza kukola ki?

Ssinga tubaako ne kye tukyogerako kati, eky'amazima, kijja kutabangula entegeka yonna." Ddala, era ojja kuba tokyasobola kusigala nga oli mulabirizi, oba omulabirizi ow'oku ntikko. Obwo bwe buzibu.

58 Ow'oluganda, kisingako ne mba n'akakanisa akatono wali ku nsonda, oba ne mbuulirira wansi w'omuti, naye nga nnina Amazima, ddala, nga mmanyi nti ge njogera Mazima. Abantu beetaaga Mazima. Era ovunaanyizibwa, ggwe nga Omukristayo, okubeeranga omujulirwa ow'Amazima. Katonda alikikuvunaana.

59 Kati, ku bintu bino, bw'oba nga obadde tobatizibwanga mu Linnya lya Yesu Kristo, era nga ebintu bino obadde tonnabikola, era nga tonnafuna Mwoyo Mutukuvu . . .

60 Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, nnali njogedde mu nnimi." Ekyo si kye kitegeeza nti wafuna Omwoyo Omutukuvu.

61 Nnali ndabye abasamize, abalogo, emizimu, na buli kimu, nga boogera mu nnimi. Ddala ddala. Ate nga naawe okimanyi bulungi nti, tebalina Mwoyo Mutukuvu. Nga banywera omusaayi mu kawanga k'omufu, ne bazina amazina, ne bakoowoola emizimu, ne boogera ne mu nnimi. Ddala ddala. Tebalina Mwoyo Mutukuvu.

62 N'olwekyo, eky'okuba nti wali oyogeddeko mu nnimi, tekitegeeza nti omulina. Engeri yokka gy'otegeeramu nti omulina, w'ewo nga omwoyo gwo gukkaanya n'Omwoyo Gwe, era nga ebibala by'Omwoyo bikugoberera: okwagala, okukkiriza, essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi, obuteefu, obukkakkamu. Bw'otyo bw'omanya nti olina Omwoyo Omutukuvu. Yeewaako obujulizi.

63 Kati, bw'ogezaako okweyinula, mbu kubanga oli wa Assemblies, oba oli Mubaputisiti, oba oli Mupulesibetereyani, olaba ky'obeera okola? Obeera weeyita linnya lya malaaya. Ky'ekyo kyennyini. Fuluma ekintu ekyo. Kiveemu. Ssitegeeza nti vva mu kkanisa yo oba ekintu kyonna; kw'ekyo kola nga bw'oyagala. Naye vva mu kweyinula mbu, "Nze nno, ndi Mupulesibeteriyani. Ffe tetukkiriza nti ebyamagero bikyakolebwa mu nnaku zino." Lwaki temukikkiriza? Nga ate Bayibuli ekiyigiriza. "Nze nno, ndi wa ddiini ya Kkanisa ya Kristo. Abaayo bakkiriza nti ebiro by'ebyamagero byayita." Abo bannabbi ba bulimba.

64 Nsobola okukulaga Yesu Kristo we yaweera Ekkanisa Amaanyi, okuwonya abalwadde, n'okuzuukiza abafu, n'okugoba emizimu. Nsoomooza omuntu yenna okundaga Ekyawandiikibwa mu Bayibuli we Yagaggyira ku Kkanisa. Kiki ekyagaggyawo? Biyiiye byammwe, ddala, so si Kigambo kya Katonda. Omwoyo Omutukuvu omulimu ogwo akyagukolera

ddala, era agenda mu maaso nga agukola, era lubeerera Aligukola.

65 Eyo y'ensonga lwaki tetuli kibiina kya ddiini, "Balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, kyokka nga beegaana Amaanyi gaakwo; abo obakubanga amabega." Tetukkiririza mu bintu bya ngeri eyo.

66 Kaakati, kyatandika kitya? Kigenda kutwetaagisa okwanguwa tukituukeko mu bwangu ddala nga bwe kisoboka, tulabe engeri gye kyatandikamu. Kati tulina wano Ebyawandiikibwa bingi nnyo ebikwata ku Mwoyo Omutukuvu.

67 Ate ekirala, twalangiridde okusoomooza eggulo, ku "kugumiikiriza kw'abatukuvu," wabula si mu ngeri y'Ababaputisiti gye bakukkirizaamu. Nedda, ssebo. Ddala njawukana n'Ababaputisiti n'endowooza yaabwe, ku ntaputa yaabwe ey'Ekikaluviini. Era ssikkiriziganya n'akatono na Bapulesibeteriyani. Ssikkiriziganya na Bamesodisiti ku ngeri yaabwe ey'enjigiriza y'Ekirumiiniyani. Yee, ssebo. Naye bombi balinamukko ku mazima, naye olina kusooka kukikomyawo *Wano* awali Amazima. Bwe weekubiira oludda, ova ku mulamwa. Ddala ddala.

68 Ababaputisiti bajja, ne babatizaayo abantu nga baabo wano, nga babannyika; omubuulizi n'ababatiza, naye nga ku abo mwenda ku kkumi banywa ssigala, ne baddayo ne bayimirira wali, ne bazannya emizannyo gya zzaala, zzaala ekiro kyonna, nga bakyakala, ne bakola ddiiru ez'obukuusa; nga abakazi bonna bambadde obuwale obumpi bagenda beeyisa, bwe beetala mu nguudo, bwe basala enviiri zaabwe, n'o—n'okunywa ssigala n'okulokopya, n'obubagabaga bw'ebibiina by'okutunga n'okusona, n'okubalaata ebitasaana. Obwo n'obuyita Obukristayo? Era n'olowooza nti oliko obukuumi Obutaggwawo? Ogenda mu ggeyeena bw'otyo. Toyinza kunyumirwa bw'otyo mu Ggulu mu ngeri yonna. Ddala tekisoboka. Obwo si bwe bukuumi Obutaggwaawo.

Naye omuntu bw'azaalibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo Omutukuvu . . .

69 Ate mmwe Abapentekoote, eky'okuba nga wabuukabuuka, n'oyogera mu nnimi, n'odduka n'odda eno n'eri mu lukuubo, ekyo tekitegeeza nti olina obukuumi Obutaggwawo. Ekyo tokiyingizanga mu bwongo bwo. Nedda, ssebo. Ddala si kye kitegeeza. Kubanga, okimanyi bulungi nti obu—obulamu bwo bwennyini bweyogerera, bulaga, nti toteredde ne Katonda. Ky'ekyo. Toteredde. Awo, obukuumi Obutaggwawo obeera tonnabutuukako.

70 Naye njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Waliyo obukuumi Obutaggwawo? Bayibuli egamba gyeebuli. Bayibuli egamba nti amannya gaffe gaateekebwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga nga ensi tennatandika kubaawo.

71 Era nga bwe nnagambye enkya ya leero, nziramu okukyogera nate. Omusajja eyawandiika oluyimba olugamba nti, “Waliwo erinnya eriggya eriwandiikiddwa mu Kitiibwa ekiro kino, era lyange,” ekirowoozo kye yalina kyali kirungi, naye yali mukyamu, okusinziira ku Byawandiikibwa. Erinnya lyo teryawandiikibwaamu lw’eggulo olwo lwe walokoka.

72 Erinnya lyo, okusinziira ku Bayibuli, okusinziira ku Kubikkulirwa 13, 17, n’ebirala, “lyateekebwamu nga ensi tennatandika kubaawo; ne Yesu Kristo yattibwa ensi tennatondebwa.”

73 Katonda yali ayinza atya, Oyo ataliiko kkomo mu kumanya, Katonda ataliiko kkomo mu kumanya, amanyi enkomerero okuviira ddala ku ntandikwa, yali ayinza atya okuganya ekibi okujja ku nsi, bwe kiba nga tekyabaawo lwa nsonga?

74 Kati okunyweza ebimu ku bintu bye twogeddeko. Kiki ekyasookawo, Omulokozi oba omwonoonyi? [Waliwo ayogera mu kibiina nti, “Mulokozi.”—Omuk.] Ddala, Mulokozi. Ani asingako amaanyi, Omulokozi oba omwonoonyi? Omulokozi bw’aba asobola okuggyawo ebibi, kitegeeza y’Asingako amaanyi. Naye, kati lwaki yaleka ekibi ne kibaawo okusooka kwa byonna? Asobole okulaga nti Ye Mulokozi. Kiki ekisinga okuba eky’amaanyi, omuwonya oba endwadde? Omuwonya. Kati lwaki yaganya endwadde ne zijja? Asobole okulaga nti Ye muwonya. Kati mpulira nnyigidde mu mwoyo. Yee, ssebo. Ha, bannange! Obwo bwe busobozi Bwe obwamulimu.

75 Eyo ye nsonga lwaki aganya emitawaana ne gijja. Ye nsonga lwaki aganya ennaku n’ejja, asobole okulaga nti Ye ssanyu. Ddala, ye nsonga. Ye nsonga lwaki tulina ekiro, okusobola okukakasa nti waliwo emisana. Ye nsonga lwaki tulina obusungu, okusobola okulaga nti waliwo emirembe. Ddala, ekirungi n’ekibi. Ha, Ye wa kitalo.

76 Kaakati, kyatandika kitya? Katukitandikeko butereevu, mangu ddala nga bwe tusobola, nneme kubalwisaawo kiro kyonna. Kaakati, wateekwa okubaawo entandikwa ebintu byonna we bitandikira.

77 Era njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Kati kino kiyinza . . . Kino oyinza okwetaaga okukirowoozaako. Kino tewetaaga kukitabula mu bintu ebirala ebya bulijjo. Wabula wuliriza kino.

78 Bw’oba nga oli kitonde Ekitaggwawo, kitegeeza tobangako na ntandikwa, era tosobola kuba na nkomerero. Kubanga, *Obutaggwawo* kiva mu kigambo “ekyo ekitalina ntandikwa yadde enkomerero.”

79 Temukijjukira? Nnagambye, enkya ya leero, nga Merukizeddeeki, bwe yasisinkana Ibulayimu ng’ava okusanjaga bakabaka. Nga era Bayibuli egamba, mu Abaebbulaniya 7, nti—nti, “Levi yawaayo ekimu eky’ekkumi eri Melukizeddeeki, bwe yali nga akyali mu ntumbwe za Ibulayimu.” Ibulayimu yazaala

Isaaka; Isaaka n'azaala Yakobo; Yakobo n'azaala Levi. Nga abo ye taata, jjajja, ne jjajja wa taata. Era Levi bwe yali nga akyali mu ntumbwe za jjajja wa kitaawe, Bayibuli emusiima olw'okuwa ekimu eky'ekkumi eri Merukizeddeeki. Yogera ku Butaggwawo! Bannange, bannange! Teyagamba nti, "Yakikolera mu ngeri ya kisiikirize; nti yafaanana nga akikoledde ddala." Bayibuli egamba nti, "Yawa ekimu eky'ekkumi." Amiina.

80 Kati, naffe bwe tuba nga twayita mu zzadde ettuufu, Pawulo bwe yali abuulira Enjiri nange nnaliwo era naawe waliwo. Ekyo tugenda kukituukako, mu ddakiika budakiika, mu bujjuvu bwakyo. Mwekkaanye, bwe kityo Ekyawandiikibwa bwe kigamba, kyaddirayo ddala n'eri emabega.

81 Ggwe kirowoozeeko! Levi; ne tudda ku Yakobo, kitaawe; ne tudda ku Isaaka, kitaawe; ne tudda ku Ibulayimu, kitaawe; nga ye jjajja wa kitaawe. Levi bwe yali akyali mu ntumbwe za jjajja wa kitaawe, yasasula ekimu eky'ekkumi eri Merukizeddeeki.

82 Njagala mbabuuze. Ani ono gwe yali ayogerako, mu Yobu 27. . . 38, bwe Yagamba nti, "Wali ludda wa bwe Nnassaawo emisingi gy'ensi? Emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu, n'abaana ba Katonda bonna ne boogerera waggulu olw'essanyu?" Abaana ba Katonda abo be b'ani abaali boogerera waggulu olw'essanyu? Yesu n'abagamba, nti, "Nnasanyukira wamu nammwe nga n'ensi tennaba kutondebwa." Ffe tetuli bitonde ebiriko ekkomo ly'ebiseera. Tuli bitonde bya Butaggwaawo.

83 "Tewali ayinza kujja gye Ndi, okuggyako nga Kitange y'amuwaludde. Era buli ajja gye Ndi, Ndimuwa Obulamu Obutaggwaawo, era Ndimuzuukiza mu nnaku ez'oluvannyuma. Tewali ayinza kubasikula kuva mu mukono gwa Kitange, Oyo eyabampa Nze." Olwo onaabula otya?

84 Olaba, otidde. Oli mu kutya. Weetala ova muno odda muno. Era ekyo kye kimu ku bikakasiza ddala, mu nsi yonna, nti tolina we waatuuse. Ge mazima. Katonda ayinza atya okukulokola bw'Aba nga . . .

85 Bameka mu kkanisa eno abasobola okuyimusa emikono, nga mukkiriza nti Katonda taliiko kkomo? Mumanyi ekigambo *obutabaako kkomo* kye kitegeeza? Ekyo kirungi bya nsusso. *Obutabaako kkomo*, tosobola—tosobola kunnyonnyola kigambo *obutabaako kkomo*.

86 Wali okutte kkamera yo n'ogiseetinga mu kulengera obuwanvu obutaliiko kkomo? Kati nno ky'ekyo, kitegeeza nti okuva wano okweyongererayo ddala obutakoma. Kale. Waba tewakyali ngeri ndala ya kulengera kusinga awo.

87 Kale, ekyo Katonda ky'ali. Taliiko kkomo. Era nga bw'Ataliiko kkomo, tewali vvuvumira, yadde ensowera, yadde enkukunyi, yadde ensekere, yadde envunza, yadde ekintu kyonna kyali kibadde ku nsi, oba ekiribaako, nga Katonda

teyakimanya nga ensi tennatondebwa. Ekyo kye kitundu ku nsonga y'obutabaako kkomo.

88 Kati, nno, Katonda Oyo ataliiko kkomo akulokola wano, nga ate akimanyi nti Agenda kukufiirwa wiiki ejja, oba omwezi ogujja, oba omwaka ogujja, eky'amazima, awo Aba yeerwanyisa yekka na yekka. Tasobola kukufiirwa. "Oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obutaggwaawo era taligenda mu kusalirwa Musango, wabula avudde mu kufa n'ayingira mu Bulamu." Tasobola kukikola. Oba tosobola . . .

89 "Oyo azaalibwa Katonda tayonoona; kubanga ensigo ya Katonda ebeera mu ye, era tayinza kwonoona." Ayinza atya okwonoona ate nga waliwo ssaddaka eyaweebwayo ku lw'ekibi ku lulwe?

90 Nnyinza ntya okuba omulwadde ate nga ndi mulamu tteke mu kiseera kye kimu? Nnyinza ntya okuba muzibe ate nga ndaba bulungi? Ha, bannange! Nnyinza ntya okubeera munda mu kizimbe ne wabweru w'ekizimbe mu kiseera kye kimu? Nnyinza ntya okuba nga ntamidde ate nga ssitamidde mu kiseera kye kimu? Tosobola kukikola.

91 Naawe bw'olokolebwa, obeera wansi w'Okutangirirwa, era ebibi byo biba tebikyakubalirwako. Dawudi teyagamba nti, "Wa mukisa omuntu oyo Katonda gw'atabalirako bibi bye, era oyo ebibi bye gwe bitakyabalirwako"? Katonda tabalira kibi ku kitonde Kye. Ekyo kikalubo. Ago si mata ga bato. Naye eyo ye Bayibuli. Katonda tajja kubalira kibi ku batuukirivu.

92 "Katonda," olw'ekisa Kye, okuyita mu kuteekeerwateekerwa, "nga tayagala muntu yenna kubula, wabula bonna bajje eri okwenenya." Naye nga bw'ataliiko kkomo, era nga amanyi ani eyali ow'okujja n'ani atalijja, Yasobola okuteekerateekera buli kintu kisobole okutuukiriza engeri gy'Ayagala ebintu bikolebwe. Bw'aba nga ekyo si kye Yakola, lwaki yakkiriza ekibi kibeewo mu kusooka kwa byonna? Bwe yali Omulokozi . . . Ssinga tewaaliwo mwonoonyi yenna, Naye teyandisobodde kuba Mulokozi; obusobozi obwo, obwamulimu, tebwandirabisiddwa.

93 Yafuuka atya omuwonya? Yafuuka atya omuwonya? Kubanga Yakkiriza endwadde zibeewo, Asobole okweyoleka nga Ye bw'ali omuwonya. Yali muwonya. Wali oyinza otya okubeera . . . Yandiyinzizza atya okumanyibwa? Obusobozi Bwe obwamulimu bwandiyinzizza butya okukola? Yandiyinzizza atya okuba omuwonya, ssinga tewaaliwo bulwadde? Yalina okuleka obulwadde ne bubaawo.

94 Ky'ova olaba nga, Pawulo agamba, mu Baruumi 8 nti, "Musirusiru ggwe, ani ayinza okugamba o—omubumbi eky'okukola; oyo, ebbumba liyinza okusituka ne ligamba nti, 'Ggwe, kiki, ekyakunkoza bw'oti?' Si Ye yayimusa Falaawo

olw'ekigendererwa kye kimu, Ye alyoke ayolese ekitiibwa Kye eri mu Misiri? Akakanyaza oyo gw'Aba ayagadde okukakanyaza, ate n'atabala musango ku oyo gw'Aba tagubaliddeeko. Tekiri eri oyo ayagala ennyo, oba oyo adduka, wabula oyo Katonda gw'aba asaasidde."

95 N'olwekyo, tewakirinaako kakwate konna. Tokirinaako kakwate konna. Bwe kiba kisa, bwe kiba kirabo kya buwa, tewali ky'oyinza kukola okusobola okukifuna. Katonda ye yakikuwa, era bw'atyo Katonda bw'ayagala kibe. Ekyo kye kintu Katonda kye yakuteekerateekera.

96 Bayibuli egamba nti "twayawulibwa okufuuka abaana ab'okutongozebwa, abaana ba Katonda, nga ensi tennatondebwa." Kitegeeza, Katonda bwe yatta Omwana gw'endiga, mu birowoozo Bye Ye, nga ensi tennatondebwa, okwolesa obusobozi Bwe obwamulimu, obw'ebyo bye Yali; Omwana gw'endiga bwe gwattibwa, twattirwa wamu Nagwo. Omusaayi gw'Omwana gw'endiga bwe gwawambira mu birowoozo Bye Ye, emabega eyo nga n'ensi tennatondebwa, erinnya lyange n'eriryo eyo gye gaawandiikirwa mu Kitabo, byonna mu birowoozo Bye eby'ekitalo.

97 Taliiko kkomo. Bw'aba nga si bwe Yakola, lwaki Yakiganya kibeewo? Kiki ekisingako amaanyi, (nga bwe ŋŋambye,) Omulokozi oba omwonoonyi? Ku bombi ani asingako amaanyi? Bwe kityo, asingako amaanyi yaganya omunafu, era ekyo Akikola ku lwa kitiibwa Kye. Bwe Yakola Lusifa, Yakimanya nti y'alifuuka ssetaani. Yalina okumuleka abeewo asobole okulaga nti Ye ye Mulokozi, nti ye Kristo. Yalina okukireka kibeere bwe kityo.

98 Kati, Bayibuli tegamba, nti, "Ebintu byonna bikolera wamu ku lw'obulungi eri abo abaagala Katonda"? Kati kiki ekikutiisa?

> Leka tugolokoke tukole,
> N'omutima ogumaliridde okweŋŋanga olutalo lwonna.
> Tuleme kuba nga ensolo ezitoogera! (Nga tulina kusooka kwegayiririrwa na kusendasendebwa.)
> Wabula tubeere bazira!

99 Ekyo nkyagala. Yimirira! Waliwo akatontome akannyambanga ennyo nga nkyali muto, kagamba bwe kati:

> Waaliwo omukungu Omuruumi,
> Mu biro bya Kabaka wa Rooma,
> Eyawulira omutiitiizi,
> Mu maaso g'olubiri nga agamba nti:
> "Ha, mu kigo bwe kityo tewali kabi kayinza kukutuukako,
> Tewali kiyinza kukinyeenya!"
> Naye omuzira n'agamba nti, "Ah, nedda,"

> "Nja kusala amagezi nkituukemu era nkituukemu!"

100 Kiikyo. Kituufu. Bayibuli eno bw'eba eyigiriza nti Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. . . Tekyali kyangu bwe nnafuluma ekkuŋŋaaniro lino kw'olwo, buli omu n'aŋŋamba nga *kino* bwe kijja okubeerawo, na *kiri* kijja kubeerawo. "Bajja kulowooza oli muzoole, bakukasuke mu kkomera, n'ekibiina ekitaba abasawo kijja kukuvunaana." Naye Katonda yali agambye nti genda okikole. Bayibuli egamba nti ky'Ali. Naye n'okutuusa kati omuliro gw'okudda obuggya gwaka mu buli ggwanga wansi w'Eggulu. Lwaki? Yimirira okyeŋŋange!

> Osisinkana otya emirimu gyo buli lunaku?
> Owulira otidde omulimu ogukwolekedde?
> Osobola okugasimbagana n'omulimu ogukwolekedde?
> Owulira okooye era okalidde mu birowoozo? (Nkyawa embeera eyo.)
> Oba ogasimbagana n'omulimu ogukwolekedde,
> Oba buli kaseera okutya kubeera kukuyita mu birowoozo?
> Bwe kiba bwe kityo, weŋŋange omulimu gwo oguddako,
> Nga olina endowooza nti ogenda kugukola.

101 Gunyweerereko. Mazima ddala. Malirira mu mutima gwo, nga Danyeri. Nywerera ku Katonda.

102 "Bino byonna byabeerawo wa? Byabaawo bitya? Kiki ekireetera abantu okubeera bwe batyo? Lwaki tuli nga abanaatera okusaanawo? Ow'oluganda Branham, nnyinyonnyola. Kiki ekikulowoozesa nti ekintu kyonna kiteekwa okusaanyizibwawo?" Kyali kisaanyiziddwawokko, (kituufu ekyo?) mu kuzikirizibwa n'amataba. Kaakati wano waliwo ebintu eby'omubuziba. Ka twetegeke okusoma.

103 Kaakati njagala mubikkule wamu nange kaakano, mu Kitabo ky'Olubereberye, ku ssuula ey'o 3. Bw'obaako n'ekintu kyonna ky'oyagala okumanya, nsobola okukulaga mu Kitabo kino eky'Olubereberye awaasibuka buli nzikiriza enkyamu na buli kabondo ka nzikiriza, na buli kintu kye tulina leero, kyatandikira mu Lubereberye. Bameka abakimanyi nti *Olubereberye* kitegeeza "ku ntandikwa"? Mazima ddala.

104 Ekereziya Katolika tugisanga mu ntandikwa, Babulooni, Nimuloodi eyagitandikawo; ne tugisanga mu makkati ga Bayibuli, ne tugisanga ne ku nkomerero ya Bayibuli; tulaba, nga bagezaako okuyingizaamu abakazi ababuulizi, mu ntandikwa ya Bayibuli, okuyita mu kusinza obufaananyi obukoleddwa mu mirandira gy'emiti. Bameka abaali basomye ekitabo kya Hislop ekiyitibwa, *Babulooni Ebbiri,* eky'ebyafaayo? Kale.

Mukinoonyerezeeko, mu byafaayo bino. Baalina omukazi... Era, mujjukira? Ne Yakobo yabba bakatonda ba kitaawe, muwala we n'abakweka mu ngoye ze yali ayambadde era n'agenda nabo okutuukira ddala mu lukoola, ekyayonoona olusiisira, oluvannyumako. Kale.

105 Kati leka tusome wano mu Lubereberye.

> *N'omusota gwali mukalabakalaba okusinga ensolo zonna ez'omu nsiko, ze yakola* MUKAMA *Katonda. Ne gugamba omukazi nti, Bw'atyo, bwe yayogera Katonda nti, Temulyanga ku miti gyonna egy'omu lusuku?*
>
> *...omukazi n'agamba omusota nti, Ebibala by'emiti egy'omu lusuku tulya:*
>
> *Wabula ebibala by'omuti...oguli wakati mu lusuku, Katonda yayogera nti, Temugulyangako, newakubadde okugukwatangako, muleme* mmwe *okufa.*
>
> *Omusota ne gugamba omukazi nti, Okufa temulifa:*
>
> *Kubanga Katonda amanyi nti olunaku lwe muligulyako* mmwe, *amaaso gammwe lwe galizibuka,* (olaba, okunoonya Omusana omupya), *nammwe muliba nga Katonda, okumanyanga obulungi n'obubi.*

106 Mulaba engeri abantu bano leero, gye bagezaako okutoola ku Bayibuli? "Naye, tekyanguwa nnyo okuyiwako obuyiyi, oba okumansirako, oba okukola *bw'oti*, oba *bw'otyo*?" Nedda, ssebo. Katonda yateekawo entegeka, era eyo gye tuteekwa okugoberera, *Eno.*

> *Omukazi bwe yalaba ng'omuti mulungi okulya, era nga gusanyusa* eriiso, *n'omuti nga* gukola*...nga gwa kwegombebwa, okuleeta amagezi, n'anoga ku* bibala *byagwo, n'alya, era n'awa ne* ku *musajja we; naye n'alya.*
>
> Era *amaaso gaabwe bombi ne gazibuka, ne beetegeera...baali bwereere; ne batunga amalagala g'emiti,* ne *beekolera eby'okwambala.*

107 Njagala nsooke nnyimiririremukko wano. Kaakati, wateekwa okubaawo buli kintu we kitandikira. Waliwo we watandikira. Kaakati tu...Ku kino kwe njagala okwesigamya ekintu kyonna, kaakati, kye tubadde twogerako mu nkuŋŋaana zino ebbiri ezisembyeyo, ne luno wano.

108 Kaakati, enkya ya leero twazzeeko emabega ne tulaga mu ngeri y'ekifaananyi, mu Bayibuli, nti Katonda bwe yali akola ensi, nti bwe Yali akola emikka egy'enjawulo; emikka egyo ne gifuuka kalisiyamu, ne potash, n'e—n'ebintu eby'enjawulo. Yali akola mubiri gwo. Yali ategeka musingi gwa kizimbe gwonna, nga omuzimbi omukulu omukugu, nga kontulakita w'ekizimbe nga ategeka ebizimbisibwa bye alyoke azimbe pulojekiti y'ennyumba. Yali akola mubiri gwo, era Yagulina nga

guli awo gulinze. Yali amanyidde ddala, mu ndowooza Ye, kiki ekyali kigenda okukolebwa.

109 Omukono *guno*, Katonda yakola omukono ogwo nga tannaba. . . bwe Yali akola ensi; wabula, omwoyo gwange gwo yagukola ensi tennabaawo. Kaakati, naye guno omukono ne guno omubiri, byo Yabikola bwe yali akola ensi, kubanga guno omubiri gwava mu ttaka, era gwa kuddayo mu ttaka. Katonda ebyo ye yabikola. Byonna yabiteeka mu ppulaani Ye enkulu ne mu ntegeka Ye.

110 Kati, bwe Yatuuka okukola ensi, Yakola omuntu, naye nga ekifaananyi ky'omuntu tekivaayo bulungi. Kati ekyo twakyogeddeko, enkya ya leero, bwe twabadde tukigeraageranya, engeri ye—ye Kitaffe gye yakka n'atunuulira mutabani We, akoleddwa mu kifaananyi Kye, n'ebirala. Awo n'alyoka Amukolera omukyala, omubeezi.

111 Kati, mujjukire, nti, ebitonde byonna eby'oku nsi, Adamu yali abituumye amannya.

112 Yali akoze e—ente, n'ebisolo, na buli kimu kyonna. Era na buli kati, tu. . . Abakugu mu kusengeka ebintu nga bwe bijja bibaawo ne—n'abakugu mu bya ssaayansi, bazze bagezaako, okumala emyaka kakaaga, okuzuula ekitonde ekyo ekibulawo mu muwaatwa ogwo, lwaki ekisolo ekyo. . . Omuntu bulamu bwa kika kya nsolo. Ekyo tukimanyi, nti twakolebwa. . .

113 Era nga omukazi kitundu butundu ku musajja, ekyamuggyibwamu. Omukazi teyali mu butonde nnakabala obwasooka. Katonda yali yamala dda okutonda, nga wayiseewo myaka na myaka na myaka, okutuusa lwe Yakola omukazi okuva mu lubiriizi lwe yamuggyamu ku ludda lwe. Adamu yali yamala dda okutuuma amannya ebitonde byonna, na buli kimu, naye mu byonna yali teyafunamu kya kumubeesabeesa. Bw'atyo, n'Amukolera omubeezi; nga amuggyamu olubiriizi ku ludda olumu, n'azibikira ekituli we lwava, n'alumukoleramu omubeezi. Era omuntu, mu mwoyo gwe, yali byombi omusajja n'omukazi.

114 Era omukazi kitundu butundu ku musajja. Era omusajja bw'afuna omukyala, era bw'aba nga ye mukyala we yennyini omutuufu, omukyala Katonda gw'amuwadde, omukyala oyo ajja kubeerera ddala kitundu ku musajja oyo.

115 Eyo y'ensonga lwaki mulina emivuyo mingi mu bufumbo, kubanga ogenda n'olabayo omuwala ow'amaaso aga kitaka oba aga bbululu, oba ekintu bwe kityo, ne ffiga ennungi, n'akutwala omutima n'omwagala. Oluzaala omwana we asooka, amannyo ne gavaamu, yenna n'afuna enkanyanya n'akaddiwa, ate n'oyagala okumugoba. Nammwe abamu ku mmwe abakazi ogenda n'onoonyaayo akalenzi akalina enviiri eza munyerere, ezifaanananako nga ze bamesse amasavu g'embizzi ya nnyina waako, nga zonna zirimu amayengo. Naye zonna zijja

kukuunyuuka; ekyo nkirabyeko. Naye kiki ekibaawo? Kiki? Ekyo ne kikutwala omutima.

116 Oteekwa kusooka, kusaba, kubanga omukazi oyo abeera kitundu ku ggwe. Era ssinga oteeka omukazi mu kifuba kyo, nga afuuse mukyala wo, era n'o... Omukazi oyo waliwo obulambe bw'akuteekako. Tugenda kukyogera bwe tutyo musobole okukitegeera. Era omukazi omulala yenna ateekebwa mu kifuba ekyo talituukana na bulambe obwo. Era ekyo Katonda alikikuvunaana. Era ekyo kijjukirenga bulijjo.

117 Ggwe atwala muk'omusajja okukyakala n'o... Leero nnawulidde ku kawala wano mu kabuga, kakazi kattu. Nkamanyi. Nga waliwo omukubi wa zzaala akagulira engoye ennungi, n'ebintu ebirala, nga agezaako okukasendasenda. Emmese, y'eyinza okukola ekintu bwe kityo, oyo tayinza na kubalibwa mu bantu.

118 Mukimanyi nti, ka ebeere mbwa tebangako na bugwenyufu bwenkana awo, kyokka nga embwa enkazi mugiyita "malaaya." Esinga kimu kya kubiri eky'abakazi b'omu Jeffersonville empisa. N'embizzi enkazi enkulu nayo mugiyita "malaaya," kyokka nga te... Esinga abakazi b'omu Amerika empisa, bangi ku bo. Ekyo kituufu ddala. Kati, ekyo mmanyi ssikirumyemu. Era nnabagambye ŋŋenda kukikkaatiriza era ekyo njagala mukitegeere. Era ekyo kituufu. Bonna, abakazi ab'ensangi zino, tebamanyi na kumanya empisa kitegeeza ki. Bagenda ne bakugamba mbu, "Tonnumya mutima." Naye, n'omutima gwennyini togulina. Wekkaanye. Yee, ssebo. Ssinga obadde ogulina, wandyawudde wakati w'ekituufu n'ekikyamu.

119 Kati mulabeeyo. Omusajja ono, bwe yatondebwa, Katonda yayawulamu omwoyo gwe. N'atoola ekitundu ku musajja, okuva mu mbiriizi ze, n'akolamu omukazi. Ate n'Addira ekikula eky'ekikyala, omwoyo omugonvu ogw'omuntu, n'agukolamu omukazi. Ate ye omusajja n'amukola mu nkula ey'ekisajja, nga wa mifumbi.

120 Era bw'olaba o—o—omusajja nga alimu engeri ya... omanyi, nga ayooyoota enjala z'engalo n'okuzisiiga, oba kyonna kye mukiyita, ku njala ze ez'engalo; era, omanyi, nga eno bw'akuzaako enjala nnya ku mukono ogumu ate ku mulala ttaano, n'o—n'okusika amayengo mu nviiri; nga bw'asowola ekirimi, n'ebirala nga ebyo; omu ku bulenzi buno obweyooyoota. Jjukira bujjukizi, mwannyinaze, nti ekinyonyi ekyo kiriko ekikyamu. Waliwo ekikyamu. Kirungi omusseeko eriiso ejjogi.

121 Ate bw'olaba omukazi n'omunwe gwa ssigala ku ludda olumu mu kamwa ke, nga ayambadde woovolo, nga eno bw'ajogoolikana nti, "Kati nno gundi ggwe, ŋŋenda kukubuulira, kiki kye kiri!" Ow'oluganda, oyo omuwala mwegendereze. Waliwo ekikyamu ekimuliko.

122 Omukazi, asaanidde kuba mukazi, era asaanidde okwambala nga omukazi. Katonda bwe yakola omusajja, Yamukola mu nfaanana nga yiye, n'Akola n'omukazi nga naye afaanana bulala. Era Katonda bw'ayambaza omusajja, abaako engeri gy'amwambazaamu, n'omukazi n'amwambaza mu ngeri endala. Era Bayibuli n'egamba nti, "Kya muzizo omukazi okwambala ekyambalo ky'omusajja."

123 Era mmwe bakazi mmwe, abambala zino empale empanvu n'ebiringa ebyo, ne mubyambala ne muyinaayina, ebyo e... Muziyita mutya ye ezo, nikabbuka? Baziyita...? Ha, babiyita batya ebyo bye ba...? Nedda, nedda, ssi zino ennyimpi, ziri endala, ez'amagulu amawanvu. [Ekibiina kigamba nti, "Empale mutema ntumbwe."—Omuk.] Empale mutema ntumbwe, ne woovolo, ne woovolo eza sasipenda.

Nnagendayo, ne baŋŋamba nti, "Eno ya bakyala."

124 Ne mbagamba nti, "Nedda, owubiddwa. Ebyo abakyala tebabyambala. Abakazi bayinza okuba babyambala, naye abakyala tebasobola." Ge mazima.

125 Bayibuli egamba nti, "Kya muzizo omukazi okwambala ekyambalo kya...n'omusajja okwambala ekyambalo ky'omukazi."

126 Kyokka abasajja bagenda beeyongera kweyisa kikazi, buli olukya, n'abakazi beeyongera kweyisa kisajja. Obuzibu buva ku ki? Tugenda kukizuula mu ddakiika ntono, okuyita mu Bayibuli. Abakazi tebakyali bakazi n'akatono. Ssitegeeza mmwe abakazi Abakristaayo. Njogera ku bakazi ab'olukale. Baagala kweyisa nga basajja; baagala basaleko enviiri zaabwe nga abasajja; bagende mu bbaala basimbe enkokola ku kaawunta, *bwe batyo,* bayimbe mbu ayi *Katonda Wa Amerika Omukisa,* nga balina n'omunwe gwa ssigala mu nsonda y'omumwa.

127 Ggwe tambulako ku luguudo, oddeko erudda n'erudda, ne ku luguudo olunene. Twabala...Njagala mbeeko ne kye mbabuulira. Ate mmwe abakazi abavuga emmotoka, muwulirize. Nze ne Billy Paul, bwe twali ku lugendo luno olwakaggwa olw'enkuŋŋaana okwetooloola eggwanga, emyezi mukaaga, nnabalanga emmotoka ezisensebukidde ku nguudo. Ku bubenje ebikumi bisatu, ku kkubo, teeba bumeka ku bwo obwakolebwa baddereeva abakazi? Kwali kubulako bubuzi... Ku bwonna kkumi na mwenda bwe bwali obw'abasajja. Nga bibiri mu kinaana oba, ndowooza bwali, bibiri mu kinaana mu kamu bwe bwava ku bagoba b'ebidduka abakazi. Baddereeva abakazi! Kati, ssigamba nti teriiyo bakazi bavuga bulungi mmotoka. Naye omukazi ajja kuweta nga bw'asanze.

128 Kati ggwe jangu ogezeeko okumuvunaana mbu y'ali mu nsobi? Leero nno bw'abeera nga alabikako bulungi, ajja kuyimirira wali, nga bw'aweeweeta otuviiri twe nga owa poliisi

bw'ajja. "Naye," owa poliisi ajja kukugamba nti, "ddala, ye ggwe ali mu nsobi!" Hmm! Tetulina mateeka.

129 Ekyo baakikakasa jjuuzi mu nsonga y'omusolo gye nnaakayitamu. Tetulina mateeka. Bwe wabaawo . . .

130 Tekyewuunyisa abakungu ba Bungereza abakulu baagamba nti, "Demokulasiya bigambo bugambo na kukyamuukiriza okutalina we kusimba mmizi." Ekyo kituufu, babuulire kumanya kuyimirira ku kibookisi kya ssabbuuni nga akadaala, kwe banoonyeza obulululu. Demokulasiya muvundu, ne ba nnaakyemalira kye kimu n'abasigadde bonna. Ekintu kyonna kivundu. Wasigadde ekintu kimu kyokka Katonda ky'alina okukola, nga kwe kuzikiriza ekintu kyonna, era nga bwe Yagamba nti bw'Alikola, atandike bupya. Kati weetegereze bw'osemberedde Okujja.

131 Kaakati omukazi ono . . . Katonda yakolera omusajja omubeezi, era omukazi yali wa kubeera mubeezi wa musajja. Era olwo . . .

132 Kati, wano, ssinnafuna mubuulizi gwe nzikiriziganya naye ku kino. Era balina engeri gye bagezaako okukinnyonnyolamu, naye nze gyendi tekikola makulu. Bagezaako okugamba mbu Adamu ne Kaawa baalya zi apo. Ow'oluganda, bwe . . . kino ssikyogera kusaaga busaazi kati, wabula njagala nkyogere. Kubanga, bwe kiba nti okulya zi apo kuleetera abakazi okukizuula nti bali bwereere, tusaanye tuddemu tuyiseeyise akabbo ka apo omulundi omulala. Ate mukimanyi nti kituufu.

133 Mukimanyi bulungi nti, okulya obuli apo, ekyo si kye baakola, si kye kyabaleetera okwezuula nti bali bwereere. Mazima ddala, tekyali kyo. Kyali kirina kuba kikolwa kya kwegatta. Kiteekwa okuba nga bwe kyali, kubanga baakizuula nti bali bwereere olwamala okulya ekibala kino kye baali baagaanibwa okulya. Omukazi si muti gwa bibala? Si ggwe kibala kya nnyoko? Ekyo kye kibala ekyali kyabagaanibwa okulya.

134 Kati wano waliwo ekintu ekikulu. Kati ekinene ennyo ssaayansi kye yali asemberedde okutuuka okumanya omuntu kye yali . . . Baziikula amagumba ag'edda, ne basima ebisigala, ne baggyayo emitwe, ne baggyayo obuwanga, n'obukono, n'amagumba, ne bagezaako okubiyunga okufunamu ekifaananyi ekyefaananyiriza omuntu. Naye bakimanyi nti ekintu kye baali bazudde ekikyasinze okwefaananyiriza omuntu, ekimuddiridde, lye zzike. Kye kitonde ekisemberedde ennyo okwefaananyiriza n'ekikula ky'omuntu; kyokka nga tekirina we kifaananira muntu yadde, ali ku ntikko ya byonna.

135 Ekikula ky'obulamu ekisemba wansi kye kikere; ate ekiri ku ntikko ya byonna ye muntu. Katonda yatandikira ku ntobo n'atonda nga bw'adda waggulu, okutuusa lwe yatuukira ddala ku kifaananyi Kye. N'atonda ebinyonyi n'ebisolo, ne

yeeyongerayo waggulu, okutuusa lwe Yatuuka ku kifaananyi kya Katonda. Ekyo ky'ekifaananyi mwe yakola omuntu. Ekyo kye kikula ky'obulamu ekisembayo ku ntikko. Ekikula ekisemba wansi lwe lulenga olwafuuka ekikere, n'ebirala bwe bityo.

136 Kaakati, ekitonde kino ekibula mu muwaatwa gw'ensengeka y'obulamu, kye baalemwa okuzuula. Wekkaanye Ebyawandiikibwa kati. Mmwe, kaakati kino temugenda kukkiriziganya nakyo, bangi ku mmwe, naye njagala... njagala mukikuumire mu birowoozo byammwe. Ate temusooka kukiwakanya. Muwulirize.

137 Mmanyi bangi ku mmwe mubadde mwakawuliriza Dr. DeHaan. Nange ddala ddala...Omusajja agwa mu ttuluba nga eryo, ate nga waaluganda Omubaputisiti omulungi, mazima ddala mmusiima nnyo. Amagezi g'alina masuffu n'obwongo bumwesera, n'e—n'ebisaanyizo bye ebirala bye nnali mmanyi ssibijjukira; kubanga alina Ddiguli mu—mu by'Eddiini, ate nga musawo wa bya bulamu, era nga alina Ddiguli mu bya Ssaayansi. Musajja mugezi nnyo. Naye ye agamba mbunno bali...Abaana ba Katonda ab'obulenzi bwe baalaba bawala b'abantu nga balungi okukamala; ye atwala ntaputa ya Josephus, egamba mbunno "be—beeyambaza emibiri," ne beefunira abakyala. Era waaliwo bannaggwano mu nsi ye Noodi. "Awo ne beewasiza abakazi ne babeeranga nabo, abaana ba Katonda, bamalayika abaagwa, baatwala bawala b'abantu bwe baabalaba; era okwegomba okw'okwegatta kwali kungi nnyo, naye nga bo bwe baali baayonoona olw'okugwa, beeyambaza emibiri gy'abantu."

138 Ekyo bwe bakikola, babeera boonoonye okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, babeera boonoonye na buli kimu. Ssetaani ssinga asobola okutonda, kiba kitegeeza nti aba yenkanyenkanye ne Katonda. Ssetaani tasobola kutonda. Njagala ondageyo awantu wamu wokka awalaga nti ssetaani asobola okutonda. Tasobola kutonda. Akyamya bukyamya ekyo ekyatondebwa. Ssi mutonzi. Wabula akyamya bukyamya.

139 Kale, kati olwo, kiki ekyabaawo? Mwekkaanye. Eno ye ntaputa yange. Kino ky'ekitonde ekibula mu muwaatwa gw'ensengeka y'obulamu.

140 Kati bagamba mbu lyali zzike, naye tosobola kufuna mwana wakati wa zzike na mukazi. Tosobola kutabula buzaale bwa muntu na bwa kisolo kyonna. Tebusobola kukwatagana. Omuntu tosobola kumussaamu musaayi, gwa nsolo yonna.

141 Bwe nnali mu Afirika, abantu bali abaddugavu baababayisanga mu ngeri embi ennyo; waliwo eyaŋŋamba, nti, "Abo si bantu wabula nsolo busolo."

142 Ne mmugamba nti, "Ekyo si kituufu. Bantu ddala nga ggwe, bandiba nga bantu n'okukusinga." Muleke mbabuulire, bw'obeera n'endowooza efaanana bw'etyo, oba oyolekedde okufuuka ekisolo. Ne mmugamba nti, "Omusajja oyo, k'abe

muddugavu zzigizigi, oba wa kyenvu nga ensujju, oba wa bbululu nga omuddo gwa indigo, asobola okutaasa obulamu bwo nga akuwa omusaayi gwe. Naye tosobola kussibwamu musaayi gwa kisolo." Mazima ddala, muntu.

143 Eky'okuba nga olususu olumu luddugavu, olulala lwa kitakataka, ate olulala lwa kyenvu, n'olulala lweru, ekyo tekikyusa musaayi n'akatono. Bayibuli egamba nti, "Katonda yakola abantu bonna okuba ab'omusaayi gumu." Era ekyo bwe kityo ddala bwe kiri. Ebitundu gye tusibuka, byakyusa bukyusa langi za mibiri gyaffe, wabula tebyakyusa musaayi. Katonda amawanga gonna yagakola mu—mu muntu omu, omusaayi gumu, amawanga gonna galina gwe gumu.

144 Omucayina; omukyotala tayinza kugamba kati, omuddugavu tayinza kugamba kati, nti, "Oyo Omucayina, wa—wa kyenvu, sijja kukolagana naye." Oyo muganda wo. Naawe omweru toyinza kugamba wa kyenvu oba omuddugavu, yenna ku bombi nti, "Sijja kukolagana naawe." Oyo muganda wo. Ge mazima ddala.

145 Mwekkaanye, kati, kino kye kyabaawo. Nzikiriza, era nsobola okukikakasa nga nkozesa Bayibuli, nti omusota gwe gwakikola. Omusota kye kitonde ekyo ekibula wakati w'ezzike n'omuntu. Kubanga, muwulirize, mulabeeyo kino kati, nti omusota tegwali kyewalula. Wabula kye kisolo ekyali kisinga "obukalabakalaba" mu bisolo byonna eby'omu ttale.

146 Kati, nnagenze ne nfuna enkuluze ez'enjawulo, leero, okuva buli wamu, okusobola okunoonya amakulu g'ekigambo kino, ekigambo kino *obukalabakalaba* kye kitegeeza. Kitegeeza "kubeera mugezi nnyo, oba kubeera mukuluppya," ate, entaputa esingayo obulungi eva—eva mu kigambo ky'Olwebbulaniya (okuva mu m-a-h-a-h, mahah) ekitegeeza nti "okuba n'okumanya okutuufu okw'ennono obulamu kwe butambulira."

147 Kaakati kino leka tusooke tukyekkaanye. Kigezi nnyo, kikuluppya, naye ate nga kiyitibwa "omusota." Wabula, mujjukire nti, gwe gwali gusingayo obugezigezi mu byonna, era nga gwe gusingayo okufaanana omuntu okusinga ebirala byonna ebyali mu ttale; nga gwe gusemberedde ennyo okufaanana omuntu. Tegwali kyewalula. Ekikolimo kye kyagufuula ekyewalula. Era gwe gwali...Bayibuli egamba nti gwe gwali gusingayo okulabika obulungi mu byonna.

148 Ate nga n'ekikolimo tekyaguggyako bulungi bwagwo bwonna; na kaakano langi z'omusota zigulabisa bulungi, n'endabika yaagwo n'obukalabakalaba bwagwo. Era ekikolimo tekyaggyawo ndabika yagwo nnungi. Naye, jjukira nti, Katonda yagugamba nti amagulu gaagwo gaali gagenda kukongokako gutandike kwewaluliranga ku lubuto lwagwo. Era tolina ggumba yadde n'erimu ly'osobola kusanga mu musota lifaananako na ga muntu, era eyo ye nsonga lwaki

bannassaayansi baalemwa okukizuula. Naye nga gwe ggwo gwennyini.

149 Katonda yabikweka amaaso g'abagezi n'abakalabakalaba, n'asuubiza okubibikkulira abaana ba Katonda, mu nnaku ez'oluvannyuma abaana ba Katonda bwe balirabisibwa, awo, "abaana ba Katonda abaajaganya olw'essanyu nga n'ensi tennabaawo." Okubikkulirwa okukulu okw'obulamba bwa Katonda n'ebintu ebirala bwe birimanyisibwa mu nnaku ezisembayo, Yali wa kwoleka ebintu bino okuyita mu baana ba Katonda. Mukimanyi nga Ebyawandiikibwa bwe bityo bwe biyigiriza. Era kino kye kiseera mwe tuli. Eyo ye nsonga lwaki Katonda atubikkulira ebintu bino. Katonda kati aleeta abaana Be mu kulabisibwa. Asukkuluma okumanya kw'obuntu okw'engeri yonna, okutuukira ddala mu buziba bw'okubikkulirwa okw'omwoyo, n'akissa wansi. Bwe tutyo si bwe tubadde tuyigiriza, mu Bayibuli eno nti, "Kino kiri eri abo abalina okutegeera"? Ssi kye yayiga mu ttendekero ly'eddiini erimu; wabula kye yayigira ku maviivi ge mu kubeerawo kwa Katonda, n'ekyo Katonda kye yayagala okumuwa. Abaana ba Katonda, nga balabisibwa!

150 Wano tulaba omusota, kati omusota gwali gufaanana bwe guti; ŋŋenda kubalaga bwe gwali gufaanana okusinziira nga bwe nkiraba.

151 Tulina e. . . tutandikira wansi, okuva ku kikere, okudda ku lulenga olwo, ne tweyongerayo, ne tutuuka *ku kino,* okutuuka lw'otuuka ku nkima, ku zzike. Naye oluva ku zzike, ate awo ne tubuuka ne tuva ku zzike ne tudda ku muntu, ne twebuuza lwaki waliwo omuwaatwa ogwo.

152 "Naye," bannasaayansi ne bagamba nti, "sooka olindeko! Tusobola okuwakisa enkwaso y'enkima oba ey'ezzike n'eggi ly'omukazi, oba si ekyo, ne tuwakisa enkwaso y'omusajja n'eggi ly'ezzike." Tekijja kukola. Ne bw'obutabika n'obw'ekisolo ekirala kyonna; tekijja kukola. Omusaayi tegusobola kukwatagana; ggwe laba omusaayi gwo gwawukanira ddala, ku gw'ekisolo.

153 Wakati wano waliwo omusaayi ogw'ekika ekirala, naye ekisolo kinnannyinigwo kyabalema okuzuula. Ha, Aleeruuya, kati nno ntandiikiriza okuwulira nga ndi mu mwoyo. Wekkaanye. Lwaki? Kubanga Katonda yakibakweka. Mu musota temuli ggumba lyonna lifaanana ggumba lya muntu. Ekintu ekyo yakikweka wala ddala okutuusa nti amaaso g'abagezigezi tegasobola kukizuula.

154 Era ŋŋenda kubalaga wa omuntu oyo omukalabakalaba gye yava, wonna, wa—wa w'ali. Mukiraba, tasobola kutegeerwa kuyita mu ngeri eyo.

155 Kirina kuyita mu kubikkulirwa, "Ggwe Kristo, Omwana wa. . ." "Ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange;

n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza," kubikkulirwa kwa mwoyo. Kati—kati Abeeri yamanya atya nti omwana gw'endiga gwe gwalina okuweebwayo, mu kifo ky'ebibala by'omu nnimiro Kayini bye yawaayo? Kyamubikkulirwa mu ngeri ya mwoyo. Tokitegeera kuyitira mu matendekero ga ddiini. Tokitegeera kuyitira mu bibiina bya madiini. Okifuna kuva mu Ggulu.

156 Kati wekkaanye omusota, omusota guno mu kusooka bwe gwali. Kati leka tukube ekifaananyi kyagwo. Gwali guntu ogunene ddala. Enkula yagwo eri wakati w'ezzike n'omuntu. Era, omusota guli; ssetaani, Lusifa, yakimanya nti omusaayi gw'omusota ogwo gwe gwokka ogwali gusobola okukwatagana n'omusaayi guno ogw'omuntu, nga kye kitonde kyokka kye yali asobola okukozesa. Yali tasobola kukozesa zzike, omusaayi gwalyo gwali tegusobola kukwatagana na gwa muntu. Waliwo ebintu bye yali tasobola kukozesa. Yali tasobola kukozesa ndiga. Yali tasobola kukozesa mbalaasi. Yali tasobola kukozesa kisolo kirala kyonna; yalina kukozesa musota guno.

157 Kati leka tugulabeko tulabe enkula yaagwo. Guntu ogunene, gu nnaggwano ogw'omu byasa eby'edda ennyo nga ebyafaayo tebinnatandika kuwandiikibwa. Kye baava bazuula amagumba gano amanene, era kino ŋŋenda kukibalaga mu Bayibuli. Kati mwekkaanye bulungi ddala. Kale. Oguntu guno oguwagguufu, leka tugambe nti gwali—gwali guweza ffuuti nga kkumi obuwanvu, nga gwa kiwago; nga gufaananira ddala nga omusajja. Era omusaayi gwagwo, okuviira ddala wansi, nga gujja gukwatagana n'ogw'ebisolo ebirala nga bwe bijja biddiriŋŋana; osobola okutabika obutonde bw'ebisolo; kale gwagenda gweyongera okufuna omusaayi ogw'eddaala erisingako okuba erya waggulu, eddaala ly'obulamu erisingako, eddaala erisingako, okutuusa lwe gwatuuka ku ddaala ly'oluse lw'abantu. Wabula ekitonde ekisembayo wano, wakati wano, kye kyaggyibwawo. Bameka abakimanyi nti ssaayansi yalemwa okuzuula ekitonde ekibula mu muwaatwa ogwo? Ekyo mwenna mukimanyi. Lwaki? Kye kino wano, gwe musota. Gwali guno, oguntu oguwagguufu.

Era ssetaani na buli kati, ajja, n'akugamba nti, "Nsobola okukuluŋŋamya."

158 Kati, buli lw'olookeerera abakazi n'ebikolwa by'abakazi, jjukira nti, ssetaani y'aba akufuuseeko amafuta ge (bw'aba nga oyo si mukyala wo).

159 Wekkaanye, kaakati, ssetaani yajja n'ayingira mu musota. Era ne gusisinkana Kaawa mu lusuku Adeni, nga ali bwereere, ne gwogera ku kibala ekyali mu makkati. Mu *makkati* kitegeeza "wakati," bwe kityo; mukitegeera, tuli mu kibiina ekirimu abantu ab'ekintabuli. Kale ne gumugamba nti, "Kaakati nno, kisanyusa. Kirungi okutunulako n'amaaso." Kiki kye gwakola?

Ne gutandika okukola omukwano ne Kaawa, ne gwebaka naye, nga omwami bwe yeegatta ne mukyala we.

160 Bw'atyo omukazi n'alaba nga kisanyusa, kye yava agenda n'anyumizaako bba, naye awo yali amaze okufuna olubuto, nga Ssetaani y'alumutisse.

161 Bw'atyo n'azaala omwana we ow'obulenzi asooka, eyatuumibwa erinnya Kayini, omwana wa Ssetaani.

"Kati," oyinza okuŋŋamba nti, "ekyo si kituufu."

162 Tewali mutawaana, tugenda kulaba oba kituufu oba si kituufu. "Era Nditeeka obulabe wakati w'Ezzadde lyo n'ezzadde ly'omusota." Ekiki? Ezzadde ly'omusota! Omukazi yalina Ezzadde erirye, n'omusota gwalina ezzadde eryagwo. "Era Oyo alikubetenta omutwe, naawe olibetenta ekisinziiro Kye." Era *okubetenta,* okwo, kitegeeza "okuwaayo Omutango." Kati nno, eryo lye "zzadde" ly'omusota ly'obadde weebuuza.

Kaakati, mwekkaanye, abasajja bano bombi ne bavaayo.

163 Kati, omusota guno, bwe gwayimirira awo, gu nnaggwano guno oguwagguufu bwe gwayimirira awo, gwaliko omusango gw'okwenda ne mukyala wa Adamu. Ekibi kiri ludda wa leero? Kiki ekifuula ebintu okuba nga bwe biri leero? Kaakati, ndi—ndi . . . Ddala musobola okutegeera kye njogerako. Ne guyimirira awo.

Era bwe gwayimirira, Katonda n'agamba, yatandika okukowoola Kaawa ne Adamu.

Adamu n'agamba nti, "Mbadde bwereere."

Katonda n'amubuuza nti, "Ani akugambye nti oli bwereere?"

164 Awo ne batandika, nga bwe bakola mu magye, buli omu okwekwasa munne. N'addamu nti, "Omanyi, omukazi ono gwe Wampa, ye yakikoze. Ye yansenzesenze."

165 N'omukazi n'agamba nti, "Omusota gwe gwampadde apo"? Kati nno, mubuulizi, ddamu amagezi.

166 Omukazi yagamba nti, "Omusota gwe gwansenzesenze." Mumanyi ekigambo *kusendasenda* kye kitegeeza? Kitegeeza "kukabawaza." Eki . . . ya . . . om- . . . ssetaani teyamuwa apo. "Omusota gwansenzesenze."

Awo ekikolimo ne kiryoka kiddirira.

167 Awo n'Agamba nti, "Olw'okuba wawulirizza omusota mu kifo ky'okuwuliriza balo, oggyeewo Obulamu ku nsi. Era ojja—ojja kweyongeranga obulumi; era onaazaaliranga balo," n'ebirala.

168 "Naawe kubanga wawulirizza mukyala wo, mu kifo ky'okuwuliriza Nze (Nnakuggya mu nfuufu; ne nkufuula ekitonde ekiri ku ddaala erisinga okuba erya waggulu), mu nfuufu mw'olidda."

169 "Ate, ggwe omusota, olw'ekyo kye wakoze, amagulu toosigaze. Oneewaluliranga ku lubuto lwo, ennaku zonna ez'obulamu bwo. Era onaakyayibwanga. Era enfuufu y'enaabanga emmere yo." Kiikyo awo. Kiikyo ekitonde ekibula mu muwaatwa ogwo.

170 Kaakati Kayini wuuno n'ajja. Leka twekkaanye enkula zombi. Kayini wuuno n'ajja. Kiki ky'ali? Musuubuzi omujagujagu. Mulimi wa nnimiro. Mugezi, mwogi; munnaddiini, munnaddiini nnyo; mwekkaanye—mwekkaanye enkula ye kati. Musigale nga mutambula wamu nange katono.

171 Wuuno n'ajja. Amanyi wa mpisa. N'ayagala okugenda mu kkanisa. Ne yeezimbira ekkanisa, n'afuna ssaddaaka. N'akola ekyoto, ne byonna. N'azimba ekyoto, n'ayalirirako ebimuli bye. N'akissaako ennimiro . . . ebibala by'ennimiro, n'abiwaayo eri Katonda. N'agamba nti, "Biibyo, Mukama. Mmanyi nga twalya apo, ze zaavaako obuzibu." N'abamu ku bazzukulu be nabo balina endowooza y'emu. Ekyo kiraga wa gy'eva. N'aleeta apo ze, okuva mu nnimiro, n'azaalirirako, n'agamba nti, "Zino ze zinaakola ssaddaaka ey'okutangirira."

Katonda n'agamba nti, "Tezaali apo."

172 Naye, okuyita mu kubikkulirwa okw'omwoyo, Abeeri yamanya nti gwali musaayi. Bw'atyo n'aleeta omwana gw'endiga, n'agutemako ensingo, ne gufa.

173 Awo Katonda n'agamba nti, "Ky'ekyo. Kyava ku ekyo. Gwali musaayi." Omusaayi gwe njogerako mugumanyi. Kale. "Gwali musaayi kwe kyava."

174 Kati mulabeeyo. Naye Kayini bwe yalaba muganda we omutukuvu-eyeevulunga nga akkiriziddwa mu maaso ga Katonda, nga n'obubonero n'ebyewuunyo bikolebwa emmanga eyo, n'amukwatirwa obuggya. N'agamba nti, "Ebintu bino tugenda kubiwera kati kati." Tunuulira baganda be, tunuulira abaana be, ensangi zino. "Kati, ndi mugezi okumusinga," bw'atyo n'anyiiga. *Okunyiiga* kwava wa? Oyinza okugamba nti obusungu . . . ? Yatta muganda we. Yali mutemu.

175 Katonda osobola okumuyita omutemu? Ate nga Adamu yali mwana wa Katonda. Bayibuli egamba, nti, "Adamu yali mwana wa Katonda," ensibuko eri ennongoofu emabega eri. Adamu yali mwana wa Katonda. Kale obwo obujja n'enge, na buli kimu, byali tebisobola kuva mu nsulo eyo ennongoofu.

176 Byali birina kuva mu nsulo ndala. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Era byasibuka mu Ssetaani, oyo eyali omutemu, okuviira ddala ku lubereberye. Bayibuli egamba nti, "Yali mulimba era omutemu, okusooka kwa byonna." Era kiikyo n'awo. Era ye yatta muganda we.

177 Era ekyo kyali kifaananyi kya kufa kwa Kristo. Kati, okuva mu ekyo, weewaawo, n'Ayimusa Sseezi asobole okudda mu kifo ky'oli. Okufa, okuziikibwa, n'okuzuukira kwa Kristo.

178 Kati mwekkaanye, kati, awo we wava bannaggwano be muwulirako. Awo Kayini n'agenda mu nsi y'e Noodi. Bwe kiba nga kitaawe yali nnaggwano omuwagguufu, olwo Kayini ye yalina kufaanana atya? Nga kitaawe. Bw'atyo n'agenda mu nsi y'e Noodi, n'agendayo n'omu ku bannyina.

179 Ye ngeri yokka gye yali asobola okukikolamu. Tewaaliwo walala wonna wayinza kuva baana ba buwala, okuggyako okuyita mu Kaawa. Kigambibwa mbu baalina abatabani nsanvu n'abaana ab'obuwala. Bwe—bwe kiba nti tewaaliwo mukazi . . . Bayibuli teyogera ku kuzaalibwa kwa bakazi, eyogera ku kw'abasajja kwokka. Era bwe kiba nga, ssinga tewaaliwo mukazi mulala yenna okuggyako Kaawa, bwe yandifudde, oluse lw'abantu lwandiweddewo buggwi. Kaawa yalina okuba nga yazaala abaana ab'obuwala. Era Kayini yalina kuwasa mwannyina.

180 Bw'atyo n'agenda mu nsi y'e Noodisi n'afuna—n'afuna mukyala we. Era eyo gye yamuwasiza, eyo ba nnaggwano bano abawagguufu gye baazuulibwa, abo nga be baana ba Katonda abaagwa; abajja okuyitira mu kitaabwe, ssetaani, okuyita mu Kayini. Ekyo kye kitonde ekibula mu muwaatwa ogwo.

181 Kati mwekkaanye ezzadde ly'omusota. Kaakati labayo. Mujjukire nti, ezzadde ly'omusota linnaddiini. Mwetegereze bwe litandika okutambula, okumala eddakiika entonotono. Liirino ligenda, ezzadde ly'omusota. Kiki ekyalituukako? Kati leka mbeeko kye nsoma wano, kye nnawandiise emisana.

182 Bantu ki abaazaalibwa okuyita mu lunyiriri lwa Abeeri? Muwulirize kino. Kale. Abeeri yazaalibwa. Abeeri n'addirirwa Sseezi. Oluvannyuma lwa Sseezi ne wajja Nuuwa. Oluvannyuma lwa Nuuwa ne wajja Seemu. Oluvannyuma lwa Seemu ne wajja Ibulayimu. Oluvannyuma lwa Ibulayimu ne wajja Isaaka. Oluvannyuma lwa Isaaka ne wajja Yakobo. Oluvannyuma lwa Yakobo ne wajja Yuda. Oluvannyuma lwa Yuda ne wajja Dawudi. Oluvannyuma lwa Dawudi ne wajja Kristo, okutuuka ku kutuukirira.

183 Ddayo emabega weetegereze engeri Omwoyo wa Katonda nga bwe Yali mu Abeeri. Laba nga bwe Yali mu Seezi. Laba bwe Yali mu Yuda. Laba nga bwe Yali mu Dawudi. Laba engeri Omwoyo oyo y'omu gye yajja alabisibwanga, okuyita mu nsigo entuukirivu, okuviira ddala emabega yonna. Ne bwe baakolanga kiki kyonna, baali baayawulibwa.

184 Tunuulira Yakobo, omwonoonefu . . . Kino ssikyogera kuvvoola buvvoozi. Naye Yakobo, akalenzi akakuluppya, akataavanga ku kikubiro kya nnyina waako buli kadde; akaabeeranga katiguka, akeeyisanga nga akawala.

Akeeyambaza ebintuntu, ne kagenda kalimba kitaawe waako, kasobole okufuna omukisa; naye kyali kyakaweebwa nga n'ensi tennabaawo. Ddala, bwe kyali.

185 Ne kagenda ne kalimba mukoddomi waako; ne kaddira obuti obw'amabala, obuti bw'omulibine, ne kabuteeka mu mazzi, butiise ente zino nga ziri ggwako; zisobole okuzaala ennyana ez'amabala, kasobole okukuusakuusa ente ezo kazezze. Kyokka Katonda n'akikaweeramu omukisa. Kituufu.

186 Zimusanze omuntu yenna ayogera obubi ku Yakobo. Mumanyi—mumanyi nnabbi w'obulimba bye yayogera... Manyanga, yali alagula bituufu. Balaamu, yagamba nti, "Buli anaamuwanga omukisa naye anaaweebwanga omukisa, na buli anaamukolimiranga naye anaakolimirwa."

187 "Nnakutwala ggwe, Yakobo. Nnamuzuula nga...nga mu nsi etali yaabwe. Era nga empungu bw'esansulula ekisu kyayo, nnamugugumula ne mmuggyayo." Aleeruuya! "Si lwa maanyi, si lwa buyinza, wabula lwa Mwoyo Wange, bw'ayogera Mukama."

188 Ekyo kyekkaanye bwe kijja ne kituuka mu kutuukirira okwo. Omwoyo ogwo gwakola okutuukira ddala ku kutuukirira mu Kristo, nga gujja guyita mu buli omu ku Bakadde abo, n'okweyongera mu maaso. Ne bwe baakolanga kiki kyonna, ne bwe baayogeranga kiki, ne bwe baakolanga kiki kyonna, mu buli ngeri baali zzadde lya mutuukirivu.

189 Era, wano, Ibulayimu oyo omutuukirivu...Ekitiibwa! Ha, mpulira bulungi nnyo ddala. Ibulayimu omutuukirivu bwe yasisinkana Merukizeddeeki, Oyo eyali Katonda Mwene!

190 Merukizeddeeki yali ani? "Kabaka we Saalemi, nga ye Kabaka wa Yerusaalemi, Kabaka ow'emirembe. Teyalina kitaawe. Teyalina nnyina. Teyaliiko ntandikwa ya biseera, newankubadde enkomerero y'obulamu." Kyonna kyonna ky'Ali, Akyali mulamu na buli kati. "Teyazaalibwa. Talifa. Teyalina kitaawe yadde nnyina. Teyaliiko ntandikwa ya biseera, newankubadde enkomerero y'obulamu." Mbuulira yali ani Oyo. Katonda Ataggwaawo; mu ekyo kye tuyita...

191 Ha, nneerabidde ekyo bwe mukiyita ate. Kiyitibwa, Omubiri gwa Katonda ogw'omwoyo ogulabikako. Mu ngeri...Nga si lufumo bufumo; wabula kintu ekirabisiddwa. Nga bwe Yajja eri Ibulayimu mu weema engulu eri, nga malayika, n'alagula, n'agamba Saala nga bw'asese, emabega We, n'ebirala. Ekintu, ekintu kye kimu.

192 Kati nga Ye wuuno. Yasisinkana Merukizeddeeki. Era jja-...Ibulayimu jjajja wa kitaawe wa Levi, mu zzadde ery'abatuukirivu, yasasula ekimu eky'ekkumi eri Merukizeddeeki; ne kibalirwa ku muzzukulu we nnakabirye mu maaso eyo, ezzadde ly'abatuukirivu.

193 Kati ate wano ne wajja ezzadde ly'o—ly'omusota. Kati, mujjukire nti, wanaabaangawo obulabe, olutalo wakati w'ezzadde ly'omusota n'ery'omukazi.

194 Ezzadde ly'omusota nalyo ne lijja, era kati kiki kye lyazaala? Kati leka tulabe ku myaka emitonotono egyasooka. Kati mwekkaanye mulabe ebyabaawo. Tugenda kubisoma byonna, kubanga nnabadde nnaakabinoonyerezaako. Ezzadde ly'omusota lye lyavaamu Kayini. Kayini n'agenda mu nsi y'e Noodi, n'azaala bannaggwano, oluvannyuma ne bajja batuuka mu nsi Nuuwa mwe yabeeranga.

195 Baali bantu abakalabakalaba, abayivu, ab'amagezi. Si bwe kiri? Baali bazimbi, bavumbuzi, bannassaayansi; tebaazaalibwa kuyita mu zzadde lya mutuukirivu, wabula baazaalibwa kuyita mu zzadde lya Ssetaani, omusota. Baali basajja ba—bannassaayansi, n'abazimbi, abasajja ab'ekitalo, abayigiriza. Ebyawandiikibwa bwe bigamba. Baakolanga ebikomo. Baakolanga ebyuma. Baaweesanga. Baavumbulanga ebintu eby'enjawulo. Baaweesanga ebyuma eby'engeri ez'enjawulo, nga bazimba amayumba, n'ebirala bwe bityo. Ebyawandiikibwa bwe bigamba. Naye bavvoolanga Ensigo y'omukazi, Nuuwa, eyali omutuukirivu. Ekyo bwe kiri?

196 Leka tweyongere okubalondoola tulabe. Kati, oluvannyuma tubalaba eno mu lyato, buli kimu we kyazikirizibwa. Baakomekkereza bali mu kintabuli kya kibi, ne bawamba obufuzi, nga bakalabakalaba era bagezi nnyo. Okutuusa, Katonda lwe yatunula wansi, nga si bangi abasigaddewo, bw'atyo n'Atwala Nuuwa n'abenju ye mu lyato, n'atonnyesa enkuba ekintu kyonna n'ekizikiriza. Yasooka kutwala Enoka, nga ekyo tekinnabaawo. Si bwe kiri? Ezzadde lyonna lyali omwo, kumpi ezzadde lyonna; naye Yalina ekigendererwa ekirina okutuukirizibwa.

197 Kati, Nuuwa ne batabani be, abaafuluma eryato, Kaamu, Seemu, ne Yafesi, baali bava mu lunyiriri lw'abatuukirivu.

198 Naye ensigo eyo yasomoka etya? Ensigo eno yasomokera mu lyato, era nga bwe yali yakola mu kusooka, okuyita mu mukazi, yasomokera mu bakyala baabwe. Abo be beetikka ensigo ya Ssetaani, ne bagisomoseza mu kyombo, nga ne Kaawa bwe yeetikka ensigo ya Ssetaani, n'azaala Kayini, ensigo eyo yasomokera mu mukazi.

199 Bwe muva awo nga muteeka abakazi mu bituuti byammwe okuba ababuulizi, ate nga Bayibuli ekigaana! Pawulo yagamba nti, "Omuntu yenna bwe yeerowoozanga okuba nnabbi, oba nti wa mwoyo, leka ategeere nga bye mpandiika bye biragiro bya Mukama waffe; naye bw'agaana okutegeera, leka aleme okutegeera."

200 Eyo y'ensonga lwaki nnafuluma ekkanisa y'Ekibaputisiti wammanga wano. Ow'oluganda Fleeman abadde wano;

ndowooza yaliyo ekiro ekyo. Dok. Davis yaŋŋamba nti, "Ogenda kuyimirira wano oyawule abakazi bano mu buweereza bafuuke ababuulizi."

Ne mmugamba nti, "Ssijja kukikola. Nedda, sijja."

N'aŋŋamba nti, "Kati awo, ŋŋenda kukugoba."

201 Ko nze nti, "Ngobeddwaako mu bisinga wano." Ne mmugamba nti, "Kino kye Kigambo kya Katonda, era Kigaana ekintu ekyo. Nange ssisobola kuwagira kintu Katonda ky'avumirira." Nedda, ssebo.

202 Buli yenna akikola, kiraga bulazi nti muyigiriza wa bulimba, nnabbi wa bulimba. Bayibuli yagamba nti kye baliba. "Balikyamya n'abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." Ndowooza mukiraba.

203 Kati mulabeeyo kino. Kati, nga bafulumyeyo, ne, wajja Kaamu, Kaamu ne mukyala we, n'abalala. Yali yakubwa ekikolimo. Kati mu Kaamu mwavaamu Nimuloodi, eyazimba Babulooni. Ate mu Babulooni mwe mwava ekereziya Katolika, gye yatandikira. N'ejja n'ebbulukukira mu Akabu. N'eva mu Akabu, n'edda mu Yuda Isukalyoti; n'ekomekkereza, nga omulabe wa Kristo.

204 Era mu nnaku zino ez'oluvannyuma, waliwo omwoyo ogw'omulabe wa Kristo n'Omwoyo gwa Kristo. Nga omwoyo gw'omulabe wa Kristo, gugamba nti, "Ebiro by'ebyamagero byayita." Ate nga Omwoyo gwa Kristo, gugamba nti, "Aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Nga omwoyo gw'omulabe wa Kristo gugamba nti, "Tekirinaawo njawulo yonna gye kikola bw'obatizibwa mu 'Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu,' oba bwe bakuyiwako obuyiyi amazzi, oba ne bakumansirako bumansizi, kyonna kye babeera bakoze, kitegeeza ekintu kye kimu." Bayibuli egamba nti Katonda atuukiridde mu by'akola, era Ye tasobola kukyuka. Ogenda kuweereza ani? Kiri gy'oli.

205 Kati oyinza okumbuuza nti, "Gyombi gisobola okubeera awamu? Ogambye, nti, eri mu kyombo kiri, Ow'oluganda Branham, nti bombi baalimu Kaamu ne Seezi." Bwe kiri, ky'ekyo kyennyini. Kaamu yali mubi. Seezi yali wa mwoyo era nga mutuukirivu. Kale.

206 Leka tulondoole Kaamu. Kale, kaakati, mu kyombo kye kimu mulimu Kaamu ne Seezi; omu nga mutuukirivu, ate omulala nga si mutuukirivu. Mwalimu nnamuŋŋoona n'ejjiba mu kyombo kye kimu. Mu kkanisa y'emu mwalimu Yuda ne Yesu. Mu kkanisa y'emu mwalimu omulabe wa Kristo n'Omwoyo Omutukuvu.

207 Era, ne leero, emyoyo gye gimu egikola. "Balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, nga bannaddiini nnyo, naye beefaanaanyiriza nga abatya Katonda wabula nga beegaana Amaanyi agali mu kumutya; abo obeewalanga." Naye Omwoyo

Omutukuvu, nga ayatula nti, “Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n’emirembe gyonna.” Onaalondako ludda ki?

208 Omulabe wa Kristo nga agamba nti *Kino* kitabo butabo eky’ebiyiiye. “Leka twatule Enzikiriza y’Abatume.” Nsoomooza omubuulizi yenna ambuulire wa Enzikiriza y’Abatume w’esangibwa mu Bayibuli: “Nzikiririza mu Katonda, Patiri Omuyinza wa buli kantu, Omutonzi w’eggulu n’ensi. Yesu Kristo Omwana We. Nzikiririza mu Ekereziya Katolika Entukuvu ey’e Rooma, n’okussa ekimu kw’abatukuvu.” Ekyo okisanga wa mu Bayibuli? Kyokka nga mukiddiŋŋana mu makanisa gammwe ag’Ekimesodisiti n’ag’Ekibaputisiti. Njigiriza ya ssetaani, era bannabbi ab’obulimba be bagiyigiriza.

209 Era ka nsuubire nti ssibalumizza, wabula ekyo nkiragirizza eri ekkuŋŋaaniro lino. Mmwe wano ab’omu Kkuŋŋaaniro lya Branham, mwewale ebintu eby’engeri eyo. Ekintu kyonna ekikkiririza mu kussa ekimu kw’abatukuvu abaafa bubeera busamize. “Waliwo omutabaganya omu wakati wa Katonda n’abantu, era oyo ye Musajja Yesu Kristo.” Ssifaayo oba waliyo ba Maliyamu bameka!

210 Mulaba ezzadde ly’omukazi oli eri kye lyakola? Mulaba engeri ezzadde ly’omukazi gye lyasomosebwa?

211 Tunula leero, mu Amerika. Amerika zzadde lya ssetaani. Kiki? Ggwanga lya mukazi. Muwulira nga bagamba mbu, “Eno nsi ya mukazi.” Bwe kiri. Ggwanga lya mukazi. Abakazi be bateekawo ebigobererwa.

212 Nnagendako wano, ssi dda nnyo, mu ggwanga lya Switzerland. Nga abakazi bagamba. . .Waaliyo omukazi omu, eyajjula Omwoyo Omutukuvu eyagamba nti, “Omanyi, kale ssinga nfuna akakisa ne ŋŋenda mu Amerika, bagamba mbunno eyo abakazi baayo balina eddembe.”

213 Ne mmugamba nti, “Leka nkubuulire eddembe eryo gye likomekkereza.” Ne ntandika okumubuulira.

N’agamba nti, “Ha, nfudde nze, ebyo sibyetaaga n’akamu.”

Ne mmugamba nti, “Eddembe eryo likomekkereza bwe lityo.”

Omanyi, eri ewaabwe ebintu tebabikola nga bwe bikolebwa wano.

214 Naye kiki? Leka mbalage engeri Amerika gy’eri omukazi. Ku nnusu yaffe ekifaananyi ekiriko kya mukazi. Buli kimu wano mukazi.

215 Ggwe mbuulira, mu ggwanga lino lyonna ebbaala z’omwenge buli wamu, zandibadde. . .Ssinga mu kibuga kino oteekamu ebbaala z’omwenge amakumi ana, n’oteeka ne bamalaaya basatu mu kibuga kye kimu, nga bakazi abalabika obulungi abagenda nga beetigoonyola mu nguudo; abakazi abo bajja kutwala emmeeme nnyingi nnyo mu ggeyeena,

olw'okubeegomba, okusinga ebbaala ziri be zinaatwalayo zonna nga ozigasse wamu. Ago ge mazima gennyini.

216 Kati olwo ani? Mukazi. Kiki ky'ali? Ye katonda wa Amerika.

217 Ggwe twala eky'okulabirako eky'abamu ku bazannyi ba ffirimu bano; bagenda ne bawasa emirundi ena oba etaano, abakazi ne babeera n'abasajja nga basatu oba bana mu kiseera kye kimu; naye n'osanga nga ezimu ku zi magaziini zino ziboogerako, zifulumya ebifaananyi byabwe nga bali bukunya. Kyokka mmwe bawala mmwe abato ne mufuula abakazi bwe batyo okuba eby'okulabirako byammwe, (lwaki?) kubanga kyava ku nnyoko eyakuzaala, oba oli awo, oba jjajjaawo omukazi. Mulaba engeri ezzadde ly'omusota eryo gye likolamu? Mazima ddala, kye liri.

218 Era ekyo kivuddemu ki? Bwe kiba nga obujeemu bulina okulondoola okutuuka ku mirembe kkumi n'ena, okusinziira ku mateeka, olwo obujeemu mu mulembe guno bwe bunaalondoola bunaayinga kwenkana wa, nga tulaba nga ezzadde ly'obutuukirivu kyenkana lisaanyeewo? Era nga Katonda yagamba nti walijja ekiseera, nga ssinga omulimu teyagusalako busazi, tewandibadde n'omu alokoka. Tuli mu kiseera kya nkomerero. Noonya abatuukirivu akawungeezi kano; yitaayita wonna mu bibuga!

219 Ha, osanga ba mmemba b'ekkanisa nga bajjumbira eby'Ekibaputisiti n'eby'Ekipulesibeteriyani, n'ebirala bwe bityo, nga bwe kisoboka. Naye nga tebalina kye bamanyi ku Katonda n'akatono nga akamyu bwe katalina kye kamanyi ku bya kwambala ngatto z'omu muzira. Tebalina n'ekimu kye bakimanyiiko! Nga kyokka kye bamanyi kwe kubabuuza: "Oli Mukristaayo?"

"Ndi Mukatoliki."

"Oli Mukristaayo?"

"Ndi Mubaputisiti."

"Oli Mukristaayo?"

"Ndi Mupulesibeteriyani."

"Oli Mukristaayo?"

"Ndi Mupentekoote." Ekyo tekirina kakwate konna na Kyo.

220 Oli Mukristaayo kubanga Katonda, olw'ekisa Kye, yakulokola. Era Ekyo okimanyi. Era waliwo ekyakyusa obulamu bwo, n'oba nga kati obulamu bw'otambuliramu bwa njawulo. Era oli muntu mupya era ekitonde ekiggya mu Kristo Yesu. Mazima ddala.

221 Naye mulaba wa ezzadde ly'omusota gye lyava? Ezzadde ly'omusota lyali kiki? Bwali bwenzi. Mugoberera? Gwayenda ne Kaawa. Ekyo kyavaamu ki? Ekyo kyava ku ki? Ekyo kye kiki akawungeezi ka leero?

222 Mujjukire emabega eri, emyaka mitono egiyise, oluyimba olwasooka bwe lwafuluma. Mmwe abakuliriddemu, bwe baa . . . Baasunsulanga ennyimba nga tezinnazanyibwa ku leediyo. Naye olwasooka bwe lwafuluma, lwali lugamba nti, "Muzifunyeeko zikke wansi, bawala, muzifunyeeko zikke wansi, mwolese amaviivi gammwe aganyirira," n'ebirala bwe bityo. "Taata ne maama basekerere, obagambe nti 'ha-ha-ha!'" Olwo lwe lwasooka okuyitawo nga terusunsuddwa kwekenenyeezebwa. Mulowooza omusajja eyawandiika oluyimba olwo ali ludda wa akawungeezi kano? Mufu.

223 Mulowooza ki ku Clara Bow, eyasooka okwanjula ffirimu eyitibwa *Amakudde Ag'akabi* era eyazannya nga omuzinyi w'ekimansulo mu ffirimu eyo eyasindika enkumi n'enkumi z'emmeme mu ggeyeena? Mulowooza ali ludda wa akawungeezi kano? Wayise ebbanga ddene kasookedde afa. Ali ludda wa, n'omubiri gwe ogwo? Gugalamidde eyo, gwansensebukira mu ttaka, n'ebiwuka n'envunyu byagulya dda gwonna. Era emmeeme ye eri eyo mu maaso ga Katonda omwenkanya.

224 Omusajja oyo eyatungira omukazi oyo engoye ezo ez'obuseegu ze baayambala, ze beekakaatikamu okuzambala n'okuziggyamu, nga zibamiima? Singa obabuuza nti, "Bakola byaki? Kiki ekibambaza ebintu ebifaanana bwe bityo?" Kubanga mwagala abasajja babatunuulire, ky'ekyo kyokka tewali kirala.

225 Naye mukimanyi nti ekyo bw'okikola, ne wabaawo omwonoonyi akutunuulira, omanyi kiki ekibaawo? Mu Kaguli . . . Oyinza okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, nze gw'olaba ndi mwesigwa nnyo eri baze." Ku luli olisalirwa omusango gw'obwenzi. Yesu yagamba nti, "Oyo yenna atunuulira omukazi okumwegomba aba amaze okwenda naye mu mutima gwe." Omusajja oyo bw'aliba ayanukulira ogw'obwenzi, ani aliba yakireeta? Engeri gye wayambalamu ne wessaawo akulabe.

226 Kati, ssitegeeza nti olina kwambala nga omuntu ow'edda ennyo. Naye, osobola okwambala n'osigala nga olabika nga omukyala alabika obulungi.

227 Naye ggwe n'ofuluma wano nga engoye tekuli, wenna oyambadde obuwale obumpi, weesibyeko akasipi kalinga akakete obukete *bw'otyo*, nga omwana wo amaaso gamulinga akasuulwamu evvu lya ssigala, nga olina omunwe gwa ssigala mu kamwa, wenna bw'otambula mu kkubo. Ekigendererwa ekikukozesa ekyo si kirungi n'akamu. Wandiba nga okikola tomanyi, naye ssetaani akukozesa nga akamasu era nga bwe yakozesa Kaawa.

228 Lwaki ggwanga lya mukazi? Kubanga lyolekedde kufugibwa Bukatuliki. Kiki ekigenda mu maaso leero? Tokyabawulira nga boogera ku Yesu. "Mirembe Maria! Maria, nnyina

Katonda! Ssessiriya Omutuukirivu!" Abatukuvu aba buli ngeri, abatukuvu abaafa. Wano ssi dda nnyo, emmanga mu . . .

229 Nnali mmanga mu Mexico, omwaka oguwedde. Ne wajja omukazi omunaku, nga bamuwalula buwaluzi. Nga amaviivi ge, gonna gakulubuse, n'olususu; nga akaaba, nga bawaniridde muwanirire. Nga ne taata amugoberera, asitudde obwana bubiri, nga nabwo bukaaba; nga nnyabwe ali mu bulumi bungi; mbu kubanga waaliyo omukazi omu, gwe baali bayita omutuukirivu, eyali yafa. Baalina ekibumbe kye waggulu eyo ku lusozi. Mbu waliwo muganzi we eyali yamutta. Ate kasita attibwa bw'atyo, okusinziira ku bo, afuuka mutuukirivu; kubanga yali Mukatoliki. Kale mukazi wattu ono yagendanga, afune penitensiya; naye nga alina okwewalulira ku maviivi okumala mayiro bbiri, ku buyinja, mbu nga yejjusa ebibi bye.

230 Ow'oluganda, bwe waba nga waliwo ekintu kyonna kye nteekwa okukola, kiba kitegeeza Yesu Kristo yafiira bwereere. Nnalokolebwa, lwa kisa; era ssiriiwo ku—ku lwange, wabula ndiwo ku lwa kusiima kwa Katonda, era ku lwa bulungi bwa Katonda.

231 Bannamawulire bali bambuuza, ne bagamba nti, "Mw. Branham . . ." Waaliwo a—akaana, akato akaali kafudde ne kazuukizibwa, n'ebintu ebirala ebitonotono ebyali bibaddewo. Abakatuliki emitwalo esatu . . . Nedda, munsonyiweko. Baali emitwalo ebiri. Emitwalo esatu gyali mu Afirika. Abakatuliki emitwalo ebiri be bakkiriza Kristo nga Omulokozi waabwe omulundi gumu, ekyo bwe kyabaawo, nga nnyimiridde mu Kibuga Mexico. Ne baffaaza, ne batayinza kunyega kigambo kyonna; kubanga abantu baali bangi, nga kiyinza okuvaako okwegugunga. Waaliwo bangi nnyo awo ku mabbali. Kati munnamawulire ono n'ambuuza nti, "Mw. Branham, okkiriza nti abatuukirivu baffe nabo basobola okukola ekintu kye kimu ky'okola?"

232 Engeri gye nnali mmanyi enjigiriza yaabwe, ne mmuddamu nti, "Ddala basobola, ssinga baba nga balamu." Olaba? Kubanga, omanyi, tosobola kuba Mukatuliki mutuukirivu okuggyako nga omaze kufa.

Kye yava aŋŋamba nti, "Ha, tosobola kubeera mutuukirivu okuggyako nga omaze kufa."

233 Ne mmubuuza nti, "Ekyo okisoma wa? Pawulo yagamba nti, 'Eri abatukuvu abali mu Efeso,' n'eri abo abaayitibwa Katonda. 'Eri abatukuvu abali mu Efeso,' yali asoma bbaluwa ye; n'abatukuvu abali mu bitundu ebirala, e Galatiya, ne— ne 'abatukuvu abali e Rooma,' n'awalala. *Abatukuvu*, 'abo abaatukuzibwa.' Ekyo okyogerako ki?"

234 N'agamba nti, "Okimanyi, nti, ffe tetukkirizibwa kuwakana ku bya Bayibuli. Kubanga, ffe ekereziya, era ekereziya ky'egamba. Ffe tetufaayo ku kiki Bayibuli ky'egamba. Ekikulu

ky'ekyo ekereziya ky'egamba." N'ambuuza nti, "Ekereziya Katolika ogyogerako ki?"

235 Ne mmugamba nti, "Kyandibadde kirungi ssinga ekyo tokimbuuzizza. Naye kubanga ombuuzizza, nange ŋŋenda kukubuulira Amazima."

N'aŋŋamba nti, "Kale, njagala ombuulire Amazima."

Ne mmugamba nti, "Bwe busamize obusingayo okuba obw'ekika ekya waggulu bwe mmanyi."

N'ambuuza nti, "Ekyo okiggya ku ki?"

236 Ne mmugamba nti, "Ekintu kyonna ekisaba okuyita mu baafa buba busamize." Ne mmugamba nti, "Omuntu oyo eyafa gwe bayita omutuukirivu ssinga ayanukula, kiba kitegeeza ali mu ggeyeena. Kubanga, abo abasomoka ne bagenda emitala, ba—Bayibuli yange eŋŋamba nti tebasobola kukomawo." Ky'ekyo. Ne nnyongera ne mmugamba nti, "Bwe kibaawo n'ayogera, bw'aba nga yali mutuukirivu, kitegeeza muzimu gwe guba gwogera nga omutuukirivu oyo, wabula tabeera mutuukirivu oyo nga y'ayogera, n'akatono."

237 N'aŋŋamba nti, "Naye, kati, lindako katono." N'aŋŋamba nti, "Naawe, osaba nga oyita mu batuukirivu."

Ne mmubuuza nti, "Wa we nkikoledde?"

N'agamba nti, "Yesu Kristo yafa."

238 Ne mmugamba nti, "Naye Yazuukira. Si mufu. Wabula Mulamu, asobole okwegayirira ku lwaffe, era ye mutabaganya yekka wakati wa Katonda n'abantu."

239 "Ye Nze eyali afudde, naye ndi mulamu nate, era ndi mulamu emirembe gyonna. Nnina ebisumuluzo by'okufa n'amagombe." "Buli yenna ayagala, leka ajje anywe buwa ku mazzi ag'Obulamu." Bannange! Oyo ye Katonda waffe. Oyo ye Katonda waffe.

240 Naye ezzadde ly'abatuukirivu kyenkana liweddewo. Ggwe yogerako n'abantu ku bintu bino. Yogerako n'abantu ku ky'okuddayo okukola nga Bayibuli bw'egamba. Yogerako n'abantu ku by'amagero. Yogerako n'abantu ku bintu ebyo. Bajja kukugamba mbu "Ekkanisa yaabwe Ekyo tekikkiriza," na bwe kityo baana abeeboolereze, mu maaso ga Katonda. Bayibuli egamba nti bwe tuba tetusobola kugumira kuyigganyizibwa, na kugezesebwa, na kujeregebwa, na kuyitibwa "abatukuvu-abeevulunga" n'ebirala nga ebyo, bwe bityo, ebyo bwe muba temusobola kubigumira, muba baana beeboolereze, temuba baana ba Katonda. Bayibuli bwetyo bw'egamba.

241 Mpita "omutukuvu eyeevulunga," bw'oba oyagala. Mpita buli ky'oyagala okumpita. Kasita omutima gwange guba nga guteredde ne Katonda nga n'obulamu bwange bukwatagana ne Bayibuli ya Katonda, nneeyongera kutambula nga ŋŋenda mu

maaso mu ludda luno lwe lumu. Yee, ssebo. Ekyo kye tukkiriza. Eyo ye Kkanisa ya Katonda omulamu, etajja lwa kutendekebwa kwa ddiini. Teyita mu ntegeera ya buntu, eyagunjibwawo abantu obuntu. Ejja kuyita mu kubikkulirwa kwennyini okw'Amazima nti Yesu Kristo ye Mwana wa Katonda.

242 Ssinga nsangibwa nga nnina ntegeera ya mu bwongo yokka, mbu kubanga ekkanisa y'Ababaputisiti oba ey'Abamesodisiti yanjigiriza ebintu nga *bino*, bwe nnandiwulidde Bayibuli eno, ssinga Bayibuli. . . Ssinga nsangibwa nga nnali nnabatizibwa mu linnya lya "Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," naye ne nsoma Bayibuli eno, n'omubuulizi n'aŋŋamba nti tewaaliwo muntu yenna mu Bayibuli yali abatiziddwa mu ngeri ndala yonna okuggyako mu Linnya lya Yesu Kristo, nange ne nkisoma ne ndaba nga ago ge Mazima, nnandyefubitise mu mazzi amangu ddala nga bwe nsobola. Yee, ssebo.

243 Ssinga wabaawo aŋŋamba nti—nti Yesu Kristo ye muwonya omukulu, naye nga ekkanisa yange eŋŋamba nti, "Ebiro by'ebyamagero byayita," ate nga nneetaaga okuwonyezebwa, nnandidduse bunnambiro, okugenda ku wolutaali wali, mponyezebwe. Ddala nnandikikoze.

244 Ssinga mbadde mubuulizi, nga nnina o—omubuulizi omukazi mu kituuti kyange, naye ne nsoma mu Bayibuli eyo ne nkiraba nti omukazi takkirizibwa kubuulira, nnandimusikambudde ne mujja mu kituuti ekyo, ne bwe kyandinsusumbuddeko eddiba.

245 Nzijukira, lumu ekiro, lwe waaliwo eyali atudde emabega wali Mwannyinaffe Wright w'atudde, omukazi lwe yali agenda okunkasuka ebweru olw'okukola ekintu ekifaananako bwe kityo. Yee, ssebo. Nagamba nti, "Tojja kuyingira mu kkanisa yange na buntu bwo obwo o . . . " Mu biseera we baayambalanga, manya bwe baasalanga ku biteeteeyi byabwe wansi bwe bati, n'ebintu ebyo ebifaanana obubi, nga kumpi kimu kya kubiri eky'emibiri gyabwe kiri ku ngulu. Ne ŋŋamba nti, "Bagezanga ne bajja mu kkanisa yange, mbakakasa nja kubafulumya." Era waliwo omukazi nnakamwantette eyali awo, yafa myaka si mingi egiyise; yampita n'okumpita, nga afa. Yali muwala Mukatuliki, yajja n'ayingira n'atuula wansi nga abyambadde bw'atyo. Nnali ntudde waggulu wano, ne mmulengera emabega, mu kaseera ako baali bayimba. Ne nzigyako ekkooti yange, ne ŋŋenda emabega we yali, ne ngimuteeka ku bibegabega. Ne mmugamba nti, "Maama, bw'oba ow'okumpuliriza nga mbuulira, nkusaba ogire nga oyambadde ekkooti eno nga bw'otudde mu kkanisa ya Katonda." Olaba? Ddala.

246 Ne yeekandagga n'afuluma, nga omumwa gumuli mu nnyindo. N'afuluma ekizimbe. N'agamba nti, "Omusajja oyo k'abe nga alina eddiini, ne bw'eba nte yange ssiyinza kugikkiriza kukkiriza ddiini nga eyo."

Ne ŋŋamba nti, "Tofaayo, ente yo tesobola kugikkiriza."

247 Waayitawo ekiseera twali tulina enkuŋŋaana ezaategekebwa mu weema, ne bantumya nga afa. Yalwala omutima, era yali afa. Bba n'ajja. N'aŋŋamba nti, "Bw'oba osobola, yanguwako!" Ate nnali mu lukuŋŋaana mu kaseera ako. Yali muvubuka munene, muwanvu, n'ayimirira ku mulyango, n'anninda. Ne nziruka nga . . .

248 Ne nnyingira mu mmotoka yange ne nnyanguwa ne ŋŋendayo. Mba nnyambuka okuyingira, ne nsisinkana nnansi oli omukadde wabweru, eyali abeera emmanga, mu Howard Park. N'aŋŋamba nti, "Levirandi, totawaana kujja." Ekyo kyaliwo emyaka nga abiri egiyise, oba oli awo n'okusingawo. N'agamba nti, "Afudde." N'agamba nti, "Afudde eddakiika nga ssatu ezaakayita." N'agamba nti, "Yakukoowodde nnyo, nga bw'asobola." N'aŋŋamba nti, "Nnina obubaka bwo."

Ne mmubuuza nti, "Bubaka ki?"

249 Yagambye nti, "Ŋŋambira omubuulizi oyo, nti mmusabye biri bye nnamwogerako, 'Bambi ansonyiwe.'"

250 Ne nnyingirayo mmutunuleko. Yali mukazi alabika obulungi; naye olumbe lwali lumulumye nnyo. Yalina obutolobojjo ku nnyindo; nga mukazi alabika obulungi. Naye kyalabika nga, obutolobojjo obwo, obwali bulabika ennyo. N'amaaso ge gaali gatutunuseeyo mu nkompe, nga gaali nga agaali gakanuse. Weewaawo, ebyenda bye n'ensigo byali byabise, nga omukka ogumuvaamu gubunye awo wonna ku kitanda, nga ali awo bw'atyo.

251 Bba n'antunuulira, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, baako essaala gy'osaba, kubanga yabadde ayagala nnyo okukulaba."

Ne mmugamba nti, "Kati essaala tekyalina ky'emugasa."

252 "Omuti gye gwewunzikira, bwe gugwa eyo gye gugwa." Okiraba? "Tebakulimbanga; Katonda tasekererwa. Omuntu kyonna ky'asiga, ekyo ky'alikungula."

253 Mulaba bwe kiri? Kati kiki ekyabaawo? Tunuulira omukazi akola ekintu bwe kityo. Tunuulira abakazi abaaliwo mu biseera biri, nga abawala bano abayimba ku myoleso, omukazi bw'atyo muwala we yafuuka ki? Yafuuka muwala mukyakaze atambula n'omulembe. Ate omukyakaze yazaala muwala kika ki? Omuwala omutiini anyumirwa amazina ag'okwesuukunda. Kati olwo muwala w'oyo anaafuuka ki? Hum! Kiki?

Mulaba ensigo y'abatuukirivu?

254 Mwetunuulire mmwe Ababaputisiti. Muddeyokko emabega emyaka nga giigyo. Muddeyo mulabe John Smith, eyatandikawo enzikiriza yammwe, mmwe Ababaputisiti. Bwe, yeegayiriranga ku lw'obujeemu bw'abantu, okutuusa, lwe yakaabanga nga asabira abantu amaaso ge ne gazimba ne geebikka nga agazibye,

mukyala we n'aba nga yalinanga kumuliisa buliisa ku lujjuliro, okumuwa eky'enkya.

255 Nammwe Abamesodisiti, wano eno, mwambala empeta z'omunnyindo ne ku matu gammwe, mwenna ne mufaanana nga amatandiiko ga ssetaani; ne muyinaayina, nga mwambadde empale ennyimpi, n'ebintu ebiri nga ebyo! Kyokka nga, nnamukadde John Smith, omu ku bakadde b'ekkanisa y'Abamesodisiti, nga tannafa ku myaka kinaana mu etaano, yabuulira obubaka bwe obukyasinzeeyo obumpi bwa myaka ena, manya, bwa ssaawa nnya. Baalina kumusitula busituzi okumusimba ku kituuti. Era ebigambo bye ebisembayo bye bino. Yagamba nti, "Ebikolwa by'ekkanisa y'Ekimesodisiti binneesisiwazza nnyo." N'agamba nti, "N'abawala b'ekkanisa y'Abamesodisiti nabo kati bambala empeta eza zzaabu ku ngalo zaabwe." Yandyogedde ki leero, nga kati bambala mpale nnyimpi, ate nga bayimba ne mu kkwaaya?

256 Mwali mudduse bulungi. Naye kiki ekyabatuukako? Mweyisa nga nnyammwe. Ky'ekyo kyennyini.

257 Eyo ye nsonga lwaki tetwagala n'emu ku ddiini zino kwesembereza kkanisa, eno, kubaako bye tweyita wano mbu: "Tuli Bamesodisiti. Tuli Bababaputisiti." Tuli ba Kristo kye kyokka. Mukireke kisigale kityo, temuba na kakwate walala wonna.

258 Kaakati, mulaba ezzadde ly'omusota? Omukazi bw'atyo ayinza kukomekkerereza mu ki? Ekyo kiyinza kukola ki? Kiki? Bwe bajja bakola, okuyita mu mirembe gyonna. Baasindika Ababaputisiti ne babazzaayo emabega, ne basindika Abamesodisiti ne babazzaayo emabega, ne basindika Abapulesibeteriyani ne babazzaayo emabega. Baakola ki? Bonna baddayo emabega, nga nnyaabwe, malaaya oli ow'edda. Bonna kye bakola, bakola obwamalaaya bwe bumu. "Naye, era tekirina kye kikyusa kyonna. Ndaba bannyikibwa. Ndaba baamansirwako. Ndaba, bajja, ne baatula. Ndaba baamalako emyezi gyabwe omukaaga egyabasalirwa; tebaanywa nnyo mwenge mu kiseera ekyo, n'ebirala bwe bityo. Ndaba bammemba balungi. Ndaba bawaayo bulungi mu. . . " Ha, bannange! Ebyo tebirina kakwate n'akamu na bibala bya Mwoyo.

259 Ebibala by'Omwoyo kwe "kukkiriza," okukkiriza Yesu Kristo nti aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna; "okwagala" eri ab'oluganda; "essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi, obukkakkamu, obugumiikiriza, obuteefu, okwefuga." Ebyo bye bintu, bye bibala by'Omwoyo.

260 Kyokka ffe tulaba bulabi muntu ne tugamba mbu, "Ono nno, a—alina erinnya eddungi mu kitundu gy'abeera." Ne Esau yali alirina.

261 Esau talina muntu yenna gwe yakola kabi, so nga Esau yali wa ssetaani; naye Yakobo, naye eyava mu lubuto lwe lumu, ye yali wa Katonda. Ezzadde lya ssetaani; Ezzadde ly'omukazi, Ezzadde lya Katonda mwe lyayita.

262 Kati, mulaba, kyonna kituuse ku kino, kati kiki ekisigaddewo ku kyo mu nsi olwa leero? Kino ŋŋenda kukyogera mu bukambwe ddala, nsobole okukikomerera, olwo tulyoke tutandike okudda obuggya nga kino kiwedde, mu lukuŋŋaana olunaddako. Waliwo we kituuse kati. Ate, bambi, kino ssikyogera kugezaako kutyoboola. Ssikyogeza mutima mubi. Wabula kituuse, we kigejjedde, ne kifuuka omugigi gw'abaana abeeboolereze ab'eddiini obudiini, mu by'omwoyo. Ebyo bye njogedde ebiwumbawumba. Ky'ekyo kyennyini kye kifuuse. Ago mumanyi nga ge mazima. Kituuse mu mbeera nga kati bya kweyunga bweyunzi ku kkanisa na kufuuka bufuusi bammemba ba kkanisa, "Balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegana amaanyi gaakwo," okutuusa we kifuuse omugigi gw'abaana abeeboolereze, bannaddiini abeereere. Ekyo kye kiri kyennyini.

263 Kati kiki ekirala ekiddako? Waliwo ekikompola ekiriko we kikuumirwa, ddala gyebiri ebiwerako, zi bbomu nnamuzisa n'ebintu ebirala bingi. Birinze bulinzi kaseera ako kutuuka. Era wajja kubaawo okuzikirizibwa n'omuliro, nga bwe waaliwo okw'amazzi.

264 Era, mikwano gyange, kyonna ky'okola, bw'oba nga oli Mukristaayo nga olina Katonda mu mutima gwo, era nga omanyi nti wasala n'ova mu kufa n'odda mu Bulamu, osaanidde okuba nga ggwe muntu asingayo okuba omusanyufu mu nsi yonna.

265 Omwoyo Omutukuvu bw'aba mu ggwe . . . Bayibuli bw'egamba nti, "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna": eddiini ne zigamba nti, "Naye ffe tukkiriza nti ebyamagero byayita"; Omwoyo Omutukuvu ajja kugamba nti, "Amiina, Yesu Kristo aba bumu jjo, n'emirembe gyonna. Leka kibeere bwe kityo."

266 Bayibuli bw'egamba nti, "Mwenenye, era mubatizibwe buli omu ku mmwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, munaaweebwa Omwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe, n'abaana bammwe, n'eri Ab'amawanga, n'abo bonna abali ewala, bonna Mukama Katonda waffe . . . " (Abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita, mukiraba, si abo bonna Abamesodisiti be baliyita, si abo bonna Ababaputisiti be baliyita, naye abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita, balifuna Omwoyo Omutukuvu, ne babatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, nga Bayibuli bw'egamba): ekyo bwe kikubikkulirwa, nga ogamba nti, "Amiina!"

267 Yo ekkanisa ejja kugamba nti, "Ha, byonna byebimu."

268 Naye Omwoyo Omutukuvu ono ali mu ggwe ajja kuddamu nti "amiina" eri Ekigambo Kye.

269 "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." Kiikyo.

270 Njagala mundageyo Ekyawandiikibwa kimu bwe kiti ekigamba nti mu kulya apo mwe mwasibuka ebigenda mu maaso leero. Njagala mundage ekigamba nti baalya apo. Mbalaze Kayini we yalina endowooza y'emu eyo, era n'ezzadde lye bwe likyalowooza ekintu kye kimu ekyo.

271 Naye okubikkulirwa kwa Katonda okw'omwoyo kukakasa, okuyita mu Bayibuli, nti kyali kikolwa kya kwegatta wakati w'ekisajja n'omukazi, nga tebakkiriziddwa. Mu ekyo mwe mwasibuka bannaggwano. Mu ekyo ekibi mwe kyasibuka. Mu ekyo mwe mwasibuka obwonoonefu. Bwasibuka mu ekyo.

272 Kati mwekkaanye mu bino byonna—byonna, mulabeeyo, o—omusota mu bukalabakalaba bwagwo gwali gukubisaamu emirundi ebiri. Ezzadde lyagwo lubeerera libadde likalabakalaba emirundi ebiri okusinga abalala. Era njagala nnyimirire waggulu ku kituuti kino nkwate akazindaalo kano mu ngalo zange, ebigere byange mbiteeke ki kituuti kino, njogere kino. Kati, olwa leero, abagezigezi bammwe bali ludda wa? Omusumba wo eyagenda n'afuna amagezi ag'obwongo amayitirivu, n'ajja n'ayimirira; nga kati y'asumba amakanisa agasingayo obunene wano mu ggwanga, n'ebirala bwe bityo. Ezzadde ly'omusota liri ludda wa? Liri mu bifo eby'amagezi nga ebyo bwe bityo; abakenkufu abakalabakalaba, abajagujagu. Eyo gye liri. Eyo gye lyekwese.

273 "Si lwa maanyi, si lwa buyinza, wabula lwa Mwoyo Wange, bw'ayogera Mukama." Olaba? Awo wo. . .

274 Naye n'osanga ow'oluganda bambi anyoomebwa nga ayimiridde wali mu masaŋŋanzira, nga amaaso gabula okumuva mu kiwanga olw'okukaaba, oba oli awo nga asuna ggita enkaddekadde, akoowoola nti, "Muganda wange, jangu, ozuule Mukama!"

275 Omusumba n'ayitawo, n'agamba nti, "Huh! Ssisobola kukkiriza bantu bange ku. . .Nkukakasa, ssisobola kwesembereza, ssisobola na kukkiriza. . .ssisobola kukkiriza Liddy ne Johnny n'abalala kundaba nga ndi mu kifo ekifaanana bwe kityo." Genda mu maaso bw'otyo, nsigo ya ssetaani ggwe, ndaba, oyolekedde gy'olimala obulamu bwo bwonna Emirembe n'emirembe. Ky'ekyo. Waliwo ekirala kye nnandyogedde awo, nnandigambye nti, "baana abeeboolereze," era kumpi bwe kityo ddala bwe kiri. Kubanga, olaba, mu. . .

276 "Tewali ajja Gyendi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde. Era bonna abajja Gyendi, Ndibazuukiza ku nkomerero. Tewali n'omu alibula. Mbanyweezezza. Nja kubakuuma. Tewali asobola kubakuuma, okuggyako Ono."

277 Byonna biri mu Ye. Tosobola kugamba mbu, “Waliwo ekirungi kye nnali nkoze.” Byonna kisa kya Katonda kye kyabikola. Kale nno, tewali kirungi kye nnali nkoze. Tewali kye nnali nnina kukola; k’abeere, ggwe. Tewali kye wakola kyakusaanyiza. Katonda buli kimu ye yakikola. Tewagololako ku lugalo lwo bwe kyali kikolebwa. Tewagambako nti, “Omanyi, nze nva mu maka ga mpisa. Nnakola *kino*.” Ebyo tebirina kakwate nakyo. Katonda Ye Yakikola; kusaasira kwa Katonda.

278 Munsonyiweko kati, essaawa zibulako katono okuwera ettaano, naye ŋŋenda kumaliriza, kati. Olaba?

279 Bameka abategeera nti Bayibuli ebintu bino ebyogerako nti ge Mazima? Nnaddala mmwe, ab’Ekkuŋŋaaniro lya Branham. Kati, ekyo kiringa kimu kya kkumi na mukaaga ku ebyo bye tuyigiriza era bye tukkiriza. Naye, mujjukire kino, eri mmwe abagenyi, ka njogere kino, eri mmwe abatali ba mmemba ba wano. Kino engeri gye tukikkirizaamu, nti *Eno* ye Bayibuli, era Bayibuli ge Mazima ga Katonda.

280 Era tukkiriza, nti, mu Ndagaano Enkadde, kati, baalina engeri gye baamanyangamu amazima ge galiwa n’agatali mazima.

281 Kaakati, ffenna tukimanyi nti baalina amateeka amawandiike. Ekyo bameka abakimanyi? Amateeka, e—ebiragiro ebyali mu ssanduuku, n’ebirala; weewaawo, n’amateeka agagendera ku biragiro. Nga gagamba nti, “Toyendanga. Buli ayenda wa kukubwa mayinja.” Olaba? Ekyo kye—kye kyali ekiragiro, n’etteeka erigendera ku kiragiro. Kaakati, essanduuko yatuuzibwanga *bw’eti*; nga amateeka gali muli munda, ate nga ebiragiro ebigendera ku mateeka biri mu busawo obwali ku mabbali g’essanduuku. Ssinga omusajja yajjanga, nga akoze obwenzi; baakwaatanga munda muno ne baggyamu etteeka kye ligamba nti, “mumukube amayinja.” Nga bamufulumizaawo ebweru ne bamukuba amayinja. Etteeka erikwata ku kiragiro ekyo bwe lityo bwe lyali ligamba.

282 Kati baalina engeri endala bbiri mwe baayitanga okusobola okumanya. Bulijjo bibeera bisatu, ebinyweza obukakafu. Baalina engeri endala ey’okumanya, era nga emu yali ya kuyita mu nnabbi oba omuloosi. Ekyo bameka abakimanyi? “Bwe wabaawo mu mmwe omu ow’omwoyo, oba nnabbi, Nze Mukama Ndyeyolekanga gy’ali okuyita mu birooto, era njogere naye mu kwolesebwa.” Ky’ekyo. Kaakati, oyo ye yawanga obunnabbi.

283 Kaakati, ssinga omusajja yavangayo, n’agamba nti, “O, Aleeruuya, nkifunye! Kaakano mpa obunnabbi mu Linnya lya Mukama. Nfunye okubikkulirwa.” Tebaamalanga gakikkiriza batyo, nga mmwe bwe mukola. Baasokanga kukigezesa na Katonda, okusooka.

284 Kaakati, ku ky'omukifuba kya Alooni, kwalingako ekintu kye baayitanga Ulimu Suminu. Bameka abaali bawulidde ku kigambo ekyo? Kyali kiki? Gaali amayinja kkumi n'abiri, nga ku buli ludda kuliko mukaaga mukaaga, nga gakiikirira abakadde ekkumi n'ababiri; erya yasipero, Yuda, n'amalala bwe gatyo, okugamalayo gonna, amayinja kkumi n'abiri. Kati baatwalanga nnabbi ono, oba omuloosi, ne bawanika eky'omukifuba kino waggulu, ne bamuyimiriza awo. Ne bamugamba nti, "Kati lagula otubuulire obunnabbi bwo."

"Mukama yayogedde nange n'aŋŋamba ebintu bwe biti—ne bwe biti."

285 Ne bwe kyawulikikanga kitya nga ekituufu, kisobola okuwulikika nga amazima gennyini; naye ekitangaala bwe kitaamyansanga kuvaamu langi za musoke, ku Ulimu Sumimu, nga langi ezo zaakaayakanira wamu, mu ngeri ey'ekyewuunyo, nga ekikakasa. Mukiraba, Katonda bulijjo akakasa Ekigambo Kye. Mukiraba? Era ekitangaala ekyo eky'ekyewuunyo bwe kyalemanga okwakako, awo ssifaayo ne bwe kyalabikanga kitya nga ekituufu, kyabanga kikyamu.

286 Omuloosi w'ebirooto bwe yagambanga nti, "Nnaloose ekirooto, era ekirooto kino kigamba, nti, 'Yisiraeri esaanidde okusenguka egende mu kitundu ekirala, kubanga Abasuuli bagenda kuva ku ludda *luno* babazingize.'" Omuloosi oyo baamutwalangayo; n'ayogera ekirooto kye. Amayinja bwe gataavangamu kwakayakana, yabanga mukyamu, si nsonga oba . . . Abasuuli ne bwe baabanga bali mu lutalo wakati, yabanga mukyamu. Nedda, ssebo. Bo, mu buli ngeri, kyabanga kirina kukakasibwa na Ulimu Sumimu.

287 Kati buli omu akimanyi nti obwakabona obw'edda bwakoma, bwadiba, era n'okukozesa Ulimu Suminu kwakoma wamu nabwo. Ekyo tukimanyi, si bwe kiri?

288 Era obwakabona obupya ne butandika. Kye kiki? Leero tulina Ulimu Sumimu? Yee, ssebo. Kye Kigambo kya Katonda! Yee, ssebo. Kye *Kino*. Omuntu yenna ssinga aba n'okubikkulirwa okw'engeri yonna, oba n'ayogera ekintu kyonna, oba enjigiriza yonna etasinziira era etakwa- . . . era etakwatagana na Bayibuli eno, okuyita wonna mu Byawandiikibwa byonna, aba mukyamu. Ssifaayo oba wa ddiini ki, oba mulungi kwenkana wa, oba mugezi kwenkana wa, oba yasoma kwenkana wa; aba mukyamu.

289 Era omuntu yenna bw'akugamba ebintu bino, bye tuyigirizizza wano mu kkanisa kati, n'akugamba, mbu, "Bw'omansirwako amazzi, tekirina kabi," aba akulimbye. Ekyo tekijja kuleeta kumyansa ku Ulimu Sumimu. Bw'akugamba, mbu, "Okumansirwako amazzi kimala," aba akulimbye. Bw'akugamba mbu, "Okubatizibwa mu linnya lya 'Kitaffe, Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu,' tekirina kabi," aba akulimbye. Bw'akugamba mbu, "Ebiro by'ebyamagero byayita," aba

akulimbye. Bw'akugamba mbu, "Tekirina kabi abakazi okubuulira," aba akulimbye. Bw'akugamba mbu, "Tekiriimu kabi ggwe okugenda mu maaso ne weekwata ku ddini yo," aba akulimbye. Tebijja kuleeta kimyanso ku Ulimu Sumimu. Naye waliwo ebintu nkumu, ebyasibuka mu oyo "NNYINA W'ABENZI," ebyajja bisaasaana, era ye nsonga lwaki twewala eddiini.

290 Baganda baffe ne bannyinaffe abali mu bibiina by'amadiini ebyo tubaagala. Naye togenda, nga owoza, "Ndi Mumesodisiti," mbu olwo ekyo kikufuule Omukristayo, gyendi. Oli Mukristayo kubanga wazaalibwa Omwoyo wa Katonda. Tekikwetaagisa kubeera Mumesodisiti oba Mubaputisiti. Tekikwetagisa kusooka kuba mu kimu ku ebyo. Weetaaga kimu kyokka kuzaalibwa Mwoyo wa Katonda. Mukikkiriza?

291 Okusinziira ku bino, bwe wabaawo omuntu yenna ali wano eyandyagadde okwetaba mu kussa ekimu naffe mu kusinza kuno, nga ayagala—nga yandyagadde okunnyikibwa mu mazzi, mu Linnya lya Yesu Kristo, ekidiba kiikino wano. Bagenda kubatiza, mu ddakiika ntono.

292 Bwe wabaawo omuntu yenna, bangi wano, yenna aba ayagala okujja, mu ngeri endala yonna? Weetuli. Bwe kiri.

293 Kaakati, tu—tetulina bwa mmemba wano; ggwe jangu buzzi wano mu kkanisa eno. Tukkiriza nti Kristo gy'ali mu kkanisa y'Abamesodisiti, ne mu kkanisa y'Ababaputisiti, ne mu kkanisa y'Abapulesibeteriyani. Alina bammemba mu buli emu zo. Naye ekibuzeewo, ensangi zino; kiri nti wazzeewo obunnabbi obw'obulimba ebintu ebyo ne bitayanikibwa, enjigiriza z'ekkanisa ezo, ate nga zikontanira ddala ne Bayibuli.

294 Kati, Ekyo ssinga omuntu aba akintangaazizza bulungi, ddala ddala nnandi. . .Nzikiriza mu nze mulimu Omwoyo wa Katonda amala, okusobola okukinoonya mu Bayibuli ne nzija ne nkitereeza. Ssinga nsangibwa nga nnajja buzzi ne nkwata mu ngalo z'omubuulizi, ne mpandiisa erinnya lyange mu kitabo nga mmemba, naye ne nsigala nga nkyalina obukyayi n'enge mu mutima gwange, nga nkyalina n'obuggya wamu n'okuyomba, nga ssikkiriza Mukama waffe Yesu Kristo nga Omuwonya omukulu, n'ebirala bwe bityo, nnandigenze ne nkitereeza ne Katonda, amangu ddala. Ddala nzikiriza nnandikikoze. Nna—nnandibadde mwesimbu ekyenkana awo. Nnandigenze ne ntereeza ne Katonda. Bwe nnandisangiddwa nga mbadde nneekwata bwekwasi ku kya kuba Mubaputisiti oba Mumesodisiti, nnandigenze ne nfuna Obukristaayo mu mutima gwange. Nnandikikoze. Yee, ssebo.

295 Kati mujjukire enkuŋŋaana z'okudda obuggya ezijja, ezinaatandika, Mukama nga ayagadde, akawungeezi k'Olwokusatu luno olujja. Zeesigamiziddwa ku kino.

296 Muwulirize, ab'emikwano, waliwo Katonda ow'amazima era omulamu. Bwe kiri. Yesu Kristo ye Mwana wa Katonda. Omwoyo Omutukuvu ali mu Kkanisa leero.

297 Kati, ekyo ssinga wabadde waliwo omuntu eyakiŋŋamba obugambi, nnandibadde wa ddembe okukibuusabuusa. Naye, muwulirize. Lumu bwe nnali eri, nga nkyali kalenzi kato, nnali nnyimiridde wansi w'omuti; nnamulaba Ye. Nnamuwulira Ye. Era n'Aŋŋamba, nti, "Weewale abakazi abagwagwa. Weewale ssigala. Weewale okuvuma, okunywa omwenge, n'ebintu ebirala bino byonna. Nnina omulimu gwe njagala okole nga okuze." Mmanyi nga Ye, ye Katonda owa nnamaddala omulamu atambulira ku Kigambo Kye.

298 Bwe nneeyongera okukula, nzijukira bw'Ansisinkanyenga, bw'Ayogeddenga nange! Bwe mmulabyenga bulijjo, nga bwe yali eri mu kisaka ekyaka, n'Omuliro ogwo nga gwaka wonna! Bwe mmulabyenga nga Ayogera ebinaabaawo; era, ne bituukirira ddala, buli mulundi nga bwe biteekwa okuba, ne bituukirira bwe bityo awatali kulemwa.

299 Oyo y'Omu ayogera ebintu ebyo ebituukirira ne bibaawo nga bwe byogerwa, y'Omu Oyo y'annuŋŋamya okuyigiriza Bayibuli eno nga bwe njiyigiriza. Ky'ekyo kyennyini. N'olw'ekyo, Biva eri Katonda. Nze nga bwe mmanyi, ye Katonda Omuyinza wa byonna, era y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

300 Yesu yagamba nti, "Nnava eri Kitange, era Ŋŋenda eri Kitange." Bwe Yajja . . .

301 Bwe Yali Katonda eri mu ddungu, Yali Kitangaala ekyaka. Ekyo bameka abakimanyi? Yali Kitangaala ekyaka, Mpagi ya Muliro.

302 N'era bwe Yajja wano ku nsi, era n'Agamba nti, "Nva eri Kitange, era Ŋŋenda . . . Nnava eri Katonda, era Nzirayo eri Katonda."

303 Bwe Yafa, n'aziikibwa, n'azuukira, Pawulo n'amusisinkana bwe yali mu lugendo nga agenda e Damasiko, kiki kye Yali? Era yali Mpagi ya Muliro. Yee, ssebo.

304 Yakola ki bwe yali wano ku nsi? Yakola ki bwe yasisinkana Pawulo? Yakola ki bwe yamutuma? Yamusindika eri nnabbi eyamubuulira bw'alina okubatizibwa, n'amubuulira n'eky'okukola; n'amussaako emikono n'amuwonya, n'amubuulira nga bwe yali afunye okwolesebwa.

305 Yesu y'omu oyo ali wano leero, nga akola ebintu bye bimu, era akyali Empagi y'Omuliro y'emu, nga ayigiriza ebintu bye bimu, era nga abikakasa n'Ekigambo Kye, n'obubonero n'ebyewuunyo. Ndi musanyufu nnyo okuba Omukristaayo, ssimanyi kye nnandikoze. Ndi musanyufu okuba nga naawe oli Mukristayo.

306 Ate mmwe, ab'ekkuŋŋaaniro lya wano, nnabagamba nti erinnya lino tugenda kulikyusa. Tesaanye kuyitibwa Kkuŋŋaaniro lya Branham. Oyo muntu buntu, mukiraba. Tugenda kugikyusa erinnya, tugiwe erinnya eddala. Ekyo tujja kukituukako, oluvannyumako. Njagala ebeere ka—kkanisa ya Katonda omulamu. Ssaagala ebeere ya Bamesodisiti, oba ya Babaputisiti, oba ya Bapulesibeteriyani, oba ya Bapentekoote. Nja . . .

307 Abantu abo bonna, mbaagala n'omutima gwange gwonna. Ssisobola na kubaawula nti ono y'ono. Ekyo sikisobola. Nnina kubuulira bubuulizi Kigambo. Ntega akatimba oluvannyuma ne nkasikayo mu mazzi. Mubaamu ebikere, mubaamu bi nnabbubi by'oku mazzi, mubaamu emisota, naye, mubaamu ne ku byennyanja. Ekyo kiri eri Katonda okusalawo. Nze nsika busisi katimba, mbuulira bubuulizi Kigambo ne nsika akatimba, ne ŋŋamba nti, "Baabano, ayi Mukama, baabano ku wolutaali. Ggwe omanyi Ababo; Wabamanya okuviira ddala nga n'ensi tennatondebwa. Nze ssimanyi ani y'ani. Naye Ggwe obamanyi, kale kiri eri Ggwe, ayi Mukama. Nze ky'ekyo ekisingayo kye nnyinza okukola. Kati nja kugenda mbeeko awalala we ntega akatimba, nate nfuneyo ekibinja ekirala kye ndeeta. Kye kyokka kye nsobola okukola." Kale.

> O, mpulira kati nsobola okweyongerayo mu lugendo,
> Mpulira kati nsobola okweyongerayo mu lugendo;
> Amaka gange ag'omu Ggulu gatangalijja era malungi ddala,
> Era mpulira kati nsobola okweyongerayo mu lugendo.

308 Kati mujjukire, bwe wabaawo omuntu yenna ayagala okutusisinkana, kubira bukubizi Mw. Mercier essimu wano ku: BUtler 2-1519. [Ennamba y'essimu yakyusiddwa—Omuk.] Tunaasanyuka okukulaba. Abaagalwa bammwe bwe banaaba ab'okujja, balina okutuuka nga bukyali mu nnaku z'enkuŋŋaana z'okudda obuggya . . . Kati ŋŋenda, okuviira ddala akawungeezi kano, ŋŋenda kugenda, nneeyawuleko okumala ennaku bbiri, nga ndi nzekka.

309 Nneeyawula ne mbeera eyo nzekka ne nfumiitiriza nga bwe nsoma, bwenti nti, "Mukama, Oli kumpi nange. Mmanyi nga Wooli wano. Era Ekigambo Kyo kigamba nti Onaasembereranga abo abanaakusemberera." Ne ŋŋenda mu maaso nga nsaba nga bwe nnindirira okutuusa lwe ndaba Empagi y'Omuliro eyo nga etandika okutambula. Awo ne mmanya nti ekiseera kituuse. Olwo ne ndyoka nzija ku kituuti okuba n'olukuŋŋaana lw'okuwonyezebwa, okusaba, n'okukola kyonna kye nsobola okukola okuyamba abalwadde n'abanyigirizibwa.

310 Kaakati tubasiima nnyo olw'ekisa kyammwe. Kati bwe mujja, mujje nga mukkiriza, era tusuubira okuba n'olukuŋŋaana olulungi ddala. Njagala okugamba nti . . .

311 Ow'oluganda Jeffries, waali wano akawungezi kano? Twagala okusiima Ow'oluganda Jeffries n'omulimu gw'akola. Ndowooza azzeeyo ku bizinga, oba oli awo.

312 Ndi musanyufu okulaba Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Wright, nammwe mwenna abali wano.

313 Nnalabyeko ne looya Robertson wano, emabegako awo, nga ayingira emabegako awo. Nnabadde njagala okumusiima olwa—olw'obubaka bwe yabuulira luli. Tewali yayogera linnya lye. Ekyo kyali kiswaza. Yabuulira obubaka obulungi ddala obwali bukwata ku bunnabbi, obwali bukwatagana ne kye mbuuliddeko akawungeezi kano.

314 Kati, era, wano waabaddewo omuweereza omulala enkya ya leero, manya ekiro ekyayise, Ow'oluganda Smith, okuva mu kkanisa y'Abamesodisiti . . . manyanga okuva mu Church of God, erudda wano. Ssimanyi oba waali akawungeezi kano, oba nedda. Bw'oyimirira wano mu kituuti kino n'olengera emabega eri, si kyangu kwawula ani y'ani; wonna waba waseeteevu, olaba, kale obeera tosobola kubaawula. Bw'oba wooli, Ow'oluganda Smith, tukusanyukidde.

315 Kati ono, atudde wano eno, si ye w'oluganda ava e Georgia, emabega wano aliraanye Ow'oluganda Collins? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Ye ye."—Omuk.] Nsanyuse okuddamu okukulabako wano akawungeezi kano, ow'oluganda.

316 Mmwe abasigadde, mwenna, buli omu abamanyi.

317 Nzikiriza ono ye mwannyinaffe n'owoluganda abaagenda ne basabira omuwala ku luli, batudde wano eno, omusawo atudde erudda wano ku ludda. Mukama akuwe omukisa, musawo.

318 Kati, bambi temunnyiigira, mmwe abaweereza n'aboluganda, olw'engeri kino gye nkikkaatiriza n'obumalirivu n'amaanyi gange gonna. Lino lye kkuŋŋaaniro lyaffe. Kino kye tukkiriza, era twagala tulisimbire ddala ku Kigambo ekyo, bonna abalikuŋŋaaniramu tubanyeenye nakyo. Era, bwe muliseeseetuka ne muva mu layini, tulikomawo ne tubagamba nti, "Mwayigirizibwa bulungi. Kiikino ku lutambi." Olaba? Kiikyo. "Kiikino ku lutambi."

319 Tukyalina bingi ebirina okugenda ku ntambi, Leo. Naye, naye tu . . . Mukyalinako ebyo byokka. Munywerere ku Ebyo, n'ebirala ebisigadde ku Kyo tunaabifuna oluvannyuma. Nga omusajja oli, eyali alya wootameroni, eyagamba nti, "Okuwooma ewoomye, naye ekirungi tennaggwaayo." Kale naffe tukyalinayo bingi ku Ekyo, era, ebikyajja.

320 Mukama abaweere ddala omukisa, kaakano. Nga bwe tu . . . Tugenda kuba n'okubatiza kati kati. Bwe kiri,

Ow'oluganda Neville? [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Weewaawo, nzikiriza bwe kiri."—Omuk.] Wano waliwo omuntu yenna ayagala okubatizibwa kati kati? Tetufaayo ggwe ani; ffe tu—tuli wano kubatiza. Muyimuse emikono, mmwe ab'okubatizibwa. Waliwo omuntu, nzikiriza abadde. . . Wuuno wano omukyala. Wakyaliyo omulala? Kati, tulina engoye wano ez'okubatirizibwamu ez'abaami n'abakyala.

321 Kati, tetugamba nti, "Va mu kkanisa y'Ababaputisiti. Va mu kkanisa y'Abamesodisiti." Tetugamba bwe tutyo. Ddayo mu kkanisa yo. Naye bw'oba tobatizibwanga okusinziira ku Byawandiikibwa, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. . . Si mu Linnya lya "Yesu" ejjereere, kati. Wabula mu Linnya lya "Mukama waffe Yesu Kristo," Ebyawandiikibwa bwe bityo bwe bigamba. Wabatizibwa bukyamu.

322 Ssaagala kusisinkana mutawaana gwonna nga ntuuse ku mugga. Njagala buli kimu mbeere nga nkikoze nga bwe mmanyi bwe kiragirwa, bwe ndikwata ttikiti eyo mu ngalo, olaba, kubanga njagala nsobole okulinnya entambula eyo mu kiseera ekyo. Naawe nkuwa amagezi okole kye kimu.

323 Ddayo mu kkanisa yo. Ekyo kiri, wakati wo ne Katonda. Kye kyokka kye nsobola okukugamba.

324 Naye tewali n'omu mu Byawandiikibwa yali abatiziddwa mu ngeri endala yonna okuggyako mu Linnya lya "Mukama waffe Yesu Kristo." N'abo abaali baabatizibwa, baalagirwa Omutukuvu Pawulo, eyagamba nti, "Ka abe Malayika ssinga abuulira ekintu ekirala kyonna, akolimirwe." Yabalagira bajje baddemu babatizibwe, omulundi omulala, mu Linnya lya "Mukama waffe Yesu Kristo." Ky'ekyo. Era yakikola. Era kye yakola, naffe kye yatulagira tukole; era ekyo kye tunaakola, nga Katonda bw'ayagala.

Tukkiririza mu kunaazagana ebigere. Tukkiririza mu kusembera ku mmeeza entukuvu.

325 Tukkiririza mu Kujja okw'okubiri okwa Kristo, okw'omubiri ogulabikako, era ogukwatikako ogwa Mukama waffe; si mu ngeri ey'Omwoyo, wabula mu mubiri ogukwatikako ogwa Mukama waffe Yesu Kristo nga akomawo nate mu kitiibwa.

326 Tukkiririza mu kuzuukira okw'abafu okw'obuliwo, bambale omubiri, si guli omukadde ogujjudde enkanyanya gwe tuziikibwa nagwo; wabula omubiri omupya, mu myaka egy'obuvubuka, babeere balamu emirembe gyonna.

327 Tukkiriza nti emmeeme tefa, ddala ddala. Tukkiriza nti waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka, era nga obwo bwe Bulamu bw'ofuna okuva mu Kristo Yesu. Ky'ekyo kyennyini.

328 N'olwekyo, tetukkiriza nti omuntu abonerezebwa emirembe Egitaggwawo. Tukkiriza nti omuliro gwa ggeyeena gyeguli, ogwaka n'ekibiriiti, wabula tetukkiriza nti ggeyeena eryaaka emirembe gyonna; kubanga bwe kiba bwe kityo, kiba kitegeeza nti abo abagirimu balina Obulamu Obutaggwawo. Waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa kika kimu kyokka; era Obwo bwe buva mu Katonda. Era ekyo bwe kiri. Olyokebwa, oba oli awo okumala emyaka kakadde, oba emyaka obukadde kkumi, ssimanyi, naye tosobola kubaayo nga olina Obulamu Obutaggwaawo. Tosobola kwokebwa mirembe na mirembe. . . Manya osobola okwokebwa emirembe n'emirembe, naye si mirembe Egitaggwaawo. Olaba, waliwo enjawulo wakati w'Obutaggwaawo n'emirembe n'emirembe. *Emirembe n'emirembe* giba mirembe na mirembe, akagambo ako akayunga, kategeeza okumala "ekiseera ekigere." Naye, Obutaggwawo, tosobola kubonerezebwa kumala mirembe Egitaggwaawo.

329 Olina Obulamu Obutaggwaawo, kubanga waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka. Era oyo alina Obulamu Obutaggwaawo, abeera mulamu era Katonda amuwa omukisa emirembe n'emirembe.

330 "Wabula emmeeme eyonoona, eyo y'eri. . ." Kola ki? [Ekibiina kiddamu nti, "Erifa."—Omuk.] Ky'ekyo. Kati awo, kitegeeza terina Bulamu Butaggwaawo. Ky'ekyo ddala. Erina—erina ekibonerezo kyayo, naye nga si kya kumala Bulamu Obutaggwaawo.

331 Ndowooza, mukiraba nti, wakyaliyo ebintu bingi eby'okuyigiriza, bye tujja okutuukako oluvannyumako. Mukama abawe omukisa.

332 Kati leka tuyimbe oluyimba luno olukadde olulungi, nga mwannyinaffe bw'ayingira mu mazzi. Nzikiriza omukyala ono wano ayinza. . .

333 Rosella, oyo ye maama wo? [Mwanyinaffe Rosella addamu nti, "Ye ye."—Omuk.] Bambi, Mukama awe emmeme yo omukisa! Nsanyuse okukulaba, mwannyinaze, nga okola ekyo. Ekyo kirungi nnyo.

334 Rosella Griffin, omu ku mikwano gyaffe abasinga okuba abalungi be tubadde nabo. Muwala omuto eyali omutamiivu lujuuju; eri abamu ku mmwe abali wano, muyinza okuba nga temumumanyi. Rosella ekyo tekikuyisa bubi bwe nkyogerako. Bwe yajja ku kituuti eri—eri gye. . .engulu wano mu Indiana. Bw'oba wali olabye omuntu eyali obubi, bwatyo bwe yali, omutamiivu waddanga. Nga, abasawo bana abakugu e Chicago baagamba nti yali. . .Ekibiina ekibudaabuda abatawaanyizibwa omwenge ekya Alcoholics Anonymous, n'ebirala bwe bityo, byonna byali byamulemwa. Naye lumu ekiro bwe yajja mu lukuŋŋaana, Omwoyo Omutukuvu n'abikkula

ebikwata ku bulamu bwe n'amugamba buli kimu awo wennyini. Kyakoma awo.

335 Laba bw'afaanana kati, ndowooza, wa myaka nga asatu n'omusobyo egy'obukulu, kyokka oyinza n'okumuyita ow'ekkumi n'omunaana; alabika nga, muwala omuto alabika obulungi. Taddangamu kunywa wisiki okuva ku olwo; yadde okumuyaayaanira. Aliwo ku lwa Kristo, nga agenda mu nguudo wonna, buli wamu, nga ajulira ku kitiibwa kya Katonda, eri aboonoonyi n'abatamiivu, ne mu nzigotta z'abatamiivu n'abanywi b'enjaga, na buli wamu, wonna mu Chicago, nga waliwo ky'akolera Mukama.

336 Yabatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, kati ne nnyina wuuno azze akawungeezi kano naye akole kye kimu; Katonda bw'aba yasobola okumuwonya, Yesu bw'aba yasobola okumuwonya... "Kyonna kye mukola mu kigambo oba mu kikolwa, mukikolenga mu Linnya lya..." [Ekibiina kiddamu nti, "Yesu Kristo."—Omuk.] Ekyo Bayibuli ky'egamba. Ky'ekyo.

337 Kale, kati tugenda kubatiza. Ettaala tugenda kugira nga tuziggyeeko okumala eddakiika entonotono nga bwe twetegekera okugenda mu kubatiza, eri abo ab'okubatizibwa, era—era nate tusuubira okuba n'ekiseera ekirungi mu Mukama waffe.

338 Onaakola omukolo gw'okubatiza akawungeezi kano? Kale, kati nno gira we—weetegeke. Kati nze ŋŋenda kutandika, njira nkulembera ennyimba n'ebirala nga bwe tugenda mu maaso. Nga bwe bakola... [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Emabega wano waliwo ku ngoye, Doc?"—Omuk.] Engoye ez'okubatirizaamu, Doc, mangu ddala. Kale.

339 Leka tugira tuyimba olumu ku ezo ez'edda ennungi... [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

340 Era okutuusa nga ekyo tukikoze, nga bwe tuddayo eka, tuteekwa kukola ki?

> Tugendenga n'Erinnya lya Yesu,
> Tulyeyala ku bigere Bye,
> Ne tumutikkira engule nga, Kabaka wa bakabaka mu Ggulu,
> Nga olugendo lwaffe luwedde.

Kale, ka tuyimirire.

> Twalanga Erinnya lya Yesu,
> Ggwe omwana ow'ennaku n'okulumwa;
> Linaakuwanga essanyu n'okukubudaabuda,

341 Muleke mbabuulire kye tuba tukola. Kyuka obeeko ne gw'okwata mu ngalo awo, omugambe nti, "Oli otya, ow'oluganda? Ddala nsanyuse okubeera naawe mu lukuŋŋaana luno."

> Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!

. . . era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O . . .

58-0928E Ezzadde Ly'Omusota
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org